# *Nnabbi Wa Katonda Omutuufu Bw'Abeera Ne By'Ayitamu*

Kale, mwasuze mutya, ab'emikwano. Makya amalungi ddala, era kaseera kalungi okubeera wano. Ndi musanyufu okuba nti ndi mulamu enkya ya leero, n'okubeera wano wamu n'ekibiina nate. Waliwo ebintu bingi nnyo ebisobola okubaawo mu kaseera akatono ennyo. Era tetumanyi kaseera ki lwe tuliyitibwa, okwanukula, waggulu eri mu Mbuga y'amateeka enkulu. Kale twagala tubeere beeteefuteefu ekiseera kyonna, tusobole okuba n'emirembe.

2 Era ndi musanyufu nnyo, nga bwe ŋŋambye. Weewaawo, nnali wano ku Ssande akawungeezi, nga njogera eri abantu. . .Nnabuulira ekiro kya Ssande, era njagala okwebaza Ow'oluganda Roberson, nammwe mwenna abakubye amasimu, nga mututegeeza nga bwe mwanyumirwa Obubaka obwo obw'oku Ssande akawungeezi obwali bugamba nti, "Tulina ebintu byonna." Era kati. . .Oluusi mba ssirowooza nti ŋŋenda kubuulira, najja buzzi ne nneetegereza Ow'oluganda Neville. Nga omumiro gwe—gwe gulinga ogw'evvuuvuumira. Muli ne ndowoozaamu nti, "Bambi ow'oluganda, akawungeezi ka leero singa anampita, nja kugenda mmuyambe, oba nkole kyonna kye nsobola." Kubanga mmanyi kye kitegeeza, bw'obeera okooye nga wenna osaakadde, ate yali abuulidde nnyo ku olwo ku makya. Kale kye—kye nnava mbuulira mu kifo kye ku Ssande akawungeezi. Kale tu—tu. . .Mbeebaza nnyo, nnyini.

3 Kati bagambye nti, waliwo, eby'okusabirwa bingi. Era kati leka tubiweeyo, okusooka, ebyetaago bino byonna. Leka tukoteke emitwe gyaffe kaakano.

4 Kitaffe ow'omu Ggulu, kyawandiikibwa nti tusaanye okuyingira mu kkuŋŋaaniro Lyo n'okwebaza ku mitima gyaffe, twanjule ebyetaago byaffe mu kkuŋŋaaniro ly'Abatukuvu. Era tubirina bingi, enkya ya leero, bingi nnyo, okutuusa nti tetumanyi na ngeri ya kubikutegeeza, naye Ggwe obimanyi. Waliwo n'ebirala bingi ebitaayogeddwako. Ebyo nnabyo, Obimanyi. N'olwekyo, tusaba n'emitima gyaffe gyonna, nga bwe twakola akawungeezi ka Ssande ewedde ku lwa Mwannyinaffe Shepherd, ku lw'omwana w'Ow'oluganda Shepherd. Eyo mu. . .Bwe twakomawo, Omwoyo Omutukuvu n'agamba nti, "Talina pooliyo. Ajja kuba bulungi." Nga tufuna okumatizibwa

okw'amaanyi bwe tuwulira okuva gy'Oli.

5 Kaakano tukusaba enkya ya leero Oyanukule ebyetaago bino eby'abalina endwadde, eby'amaka agafiiriddwaako, abaagalwa baabwe, wamu n'ebyo byonna ebyogeddwa, ayi Kitaffe. Tukusaba Obajjukire buli omu ku bo. Era mpaayo okusaba kwange, n'okusaba kw'abantu bano, mu maaso Go; nga tukuŋŋaanye wamu, tukuwaayo gy'Oli, mu Linnya lya Yesu Kristo. Tusaba, otuwulire, ayi Kitaffe. Amiina.

6 Njagala okubeebaza buli omu ku mmwe olw'okunsabira. Bwe nna. . .Mumanyi bwe waabaawo okubwatuka emmanga eri gye bakubira ssabbaawa. Era Ssetaani yagezaako okunzita. Naye—naye, weewaawo, yali tasobola kukikola. Huh-um. Nedda. Katonda yali tannaba kumaliriza nange. Kale yali tayinza kukikola okutuusa nga byonna biwedde. Katonda bw'aba amalirizza, nze ndi mwetegefu. Naye na. . .Mukwano gwange omulungi, Ow'oluganda Wood, emmanga eyo, eky'amazima kwali kusaasira kwa Katonda, singa si ekyo yandinsanze wansi *eno*, so si waggulu *eno*. Okubwatuka okwo kwali kwa ttani nga ttaano oba mukaaga nga kundi wano *bwe wati* mu maaso gange, *bwe kityo*. Naye tekwankosa wadde n'akatono. Mukiraba? Nnafunako obunuubule butono mu maaso. Ate, n'enkwagulo ezo, kati, nazo ziweddewo, wasigaddewo akabwa katono nnyo *awo*.

7 Kale, njagala okwebaza Ow'oluganda ne Mwannyinaffe Dauch erudda wano eno. Ow'oluganda Brown, ne banne, abaategezebwa okuyita ku lukomo lw'essimu ne babaako abantu, be baakuŋŋaanya awamu, ne bansabira. Era ekyo ddala kintu, ekibaako ne kye kikukola. Omanyi, ogenda n'osabira abalala, n'ebirala by'okola, naye kati bw'okitegeera nti waliwo akusabira mu kaseera nga weetaaga okusabirwa, ekyo kitegeeza kinene nnyo. Era nkimanyi bangi ku mmwe temwasobola kukuba ssimu, oba kubaako kirala kyonna kye mukola, naye nammwe mwakola ekintu kye kimu. Era ekyo kitegeeza kinene nnyo gye tuli. Era eyo y'ensonga lwaki. . .okubwatuka okwo tekwankola kabi konna. Katonda yannyamba ne sifuna buzibu bwonna. Kale mbasiima nnyo nnyini.

8 Kaakati, nninayo ebirango bye njagala okuyisaawo nga tetunnawongayo abato bano. Kati, akawungeezi ka leero, wagenda kubaawo olukuŋŋaana mu kkuŋŋaaniro. Kale mmwe mwenna abakuŋŋaanira mu kkuŋŋaaniro wano, mujje mubeewo mu lukkuŋŋaana wano. Kale tu. . .nze nja kuba mbuulira ewa Ow'oluganda Ruddell, akawungeezi ka leero, engulu wano ku luguudo olunene, omu ku b'oluganda abagenyi. Bwe nnaavaayo, olunaaba okudda nti, bwe nnaabaawo n'akawungeezi akalala, njagala ŋŋende ewa Ow'oluganda Junior Jackson. Bwe nnaavaayo ŋŋende ew'Ow'oluganda oli ow'omu Sellersburg, twamusuubiza okubaayo akawungeezi akamu engulu eyo, kale naye twagala tugendeyo tumulabe.

Wamu n'ow'oluganda ow'omu Utica, tufuneyo akawungeezi tubakyalire nga bwe tunaaba tusobodde.

9 Wiiki eno nja kuba nsimbula okugenda e Green Bay, Wisconsin, nga bwe mumanyi, mu lukkuŋŋaana olunene olw'Abasajja Abasuubuzi abakkiririza mu Njiri Enzijuvu ab'omu kitundu ekyo.

10 Ssande ejja, nja kubeera ku ssomero liri erya siniya, engulu eri, gye nnali ku mulundi guli. Nneerabidde erinnya ly'ekifo ky'essomero eryo erya siniya mwe bakuŋŋaanira. [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Mather."—Omuk.] Bakiyita batya? ["Mather."] Mather. Stephen Mather. Weewaawo. Ky'ekyo. Mu kizimbe ky'essomero lya siniya eryo mwe bakuŋŋaanira.

11 Ate bwe nnaava eyo, ku Mmande, nja kubeera mu lukuŋŋaana olunene mu kifo kiri mwe nnali nkubaganyiza ebirowoozo n'ekibiina ekigatta abaweereza mu Chicago, ku mulundi gwe nnasemba okubaayo. Mu kifo ekyo tujja kubaayo n'olukuŋŋaana olw'okusiibula Ow'oluganda Joseph Boze, ajja okuba nga agenda e Tanganyika. Tanganyika, ndowooza bw'atyo bw'akiyita. N'e Kenya, n'e Durban, n'ebitundu ebyo, nga bw'akola enteekateeka z'enkuŋŋaana zange ezikomekkereza omwaka; ne mu Afirika, ne mu South Africa. Kale tubasaba okutujjukira mu ssaala mu nkuŋŋaana zino. Bwe tunaavaayo tulyoke tukomewo.

12 Kati ssimanyi oba nnaafuna obudde okufunayo, olunaku olulala ku kkuŋŋaaniro, oba nedda, nga tetunnagenda mu North Carolina. Ate oluvannyuma, bwe tunaavaayo, twolekere mu South Carolina. Okuva eyo tweyongereyo tugende mu Cow Palace mu Los Angeles, ku South Gate. Era eyo gye nsuubira okugenda okusisinkana Mw. Weatherby, eyakola emmundu eri omwava essasi eryabwatuka.

13 Ekifo essasi we lituula teyakyawula kimala, ekyaviirako essasi okudda munda mu kifo ky'okufuluma. Yali mmundu nkadde gye nnamusindikira. N'addamu n'awoola omudumu gwayo, olw'amala, n'agifuula ekika ky'emmundu ekirala. Nnagiwangamu essasi, ne ngisitula okukuba, naye n'e, kale, essasi ne libalula emmundu n'esesebbuka okunneetoloola yaadi nga amakumi ataano, *bw'etyo*, n'esaanuukira mu mu ngalo zange. Omudumu ne gumasuka okutuuka awali ekipimo kya yaadi ataano, omusumaali ne gumasuka ne gugwa emabega eri ku kiyumba ky'empeewo, yaadi nga amakumi asatu, oba ana emabega wange, obupapajjo ne bumansuka ne bukuba emiti ne bugisusumbula n'ebintu ebirala. Kati emmundu eyo yali esembereddde *ddala* ku liiso lyange, kyenkana yiinci nga emu, we yabwatukira bw'etyo. Kati eba kubwatuka . . .

14 Ate nga emmundu eyo esobola okugumira amaanyi ga pawunda kaakaga mu lwenda, n'etabwatuka. Kale teebereza amaanyi genkana wa ge yalina munda mu yo, agaagireetera

okubwatuka. Ate mujjukire nti, mu ngeri gye yabwatukamu, yandimbaludde omutwe n'ebibegabega ne bisesebbuka, mukiraba. Naye Mukama yali ayimiridde awo, n'atagiganya kuntuusaako bulabe bwonna, nnafunako nkwagulo zokka mu maaso. Mpozzi n'akapapajjo akansala wansi w'eriiso, ne kakolawo akantu akeetoloovu ku liiso lyange, naye tekaatuuka ku liiso, awo akapapajjo we kaasala. Ekimu ku bipapajjo ebinene ekyanfumita mu kawanga kyetooloola eriiso, naye, tekyayingira mu liiso. Ha, bannange!

15 Ebbanga ttono gye buvuddeko, mujjukira, nnabagamba nti, Yansisinkana mu kisenge, n'aŋŋamba nti, "Totya, kubanga Okubeerawo kwa Yesu Kristo okutalemererwa kuli wamu naawe emirembe gyonna." Mukiraba? Mukiraba? Kale ekyo kikikakasa, nti Waali.

16 Omusawo eyeekebejja eriiso lyange mu Louisville, yagamba nti baawandiikira Dokita Sam Adair emmanga wano, mukwano gwaffe, ne bamugamba nti, "Kimu kyokka kye nsobola okwogera, nti ku olwo ku makya Mukama waffe yali awo ku mabbali g'omuweereza We okumukuuma, singa ssi ekyo teyandisigazza mutwe yadde ebibegabega." Kale, mazima ddala Yali mulungi nnyo gye ndi, era ekyo nkimwebaliza. Kyeyongera okunsembeza okumpi. Bulijjo kirina enjawulo gye kireetawo.

17 Kaakati ate, waayitawo ennaku bbiri nga ekyo kimaze okubaawo, ennaku ssatu, bwe nnalina okugenda mu lukuŋŋaana lwange, olwali e Canada lwe nnalina okugendamu, omusajja, nga kino talina na ky'akimanyiiko yadde, n'ankubira essimu, n'ayongezaayo olukuŋŋaana. Mukiraba? Nnandibadde mu lugendo nga ŋŋenda, singa kino tekyabaawo. Mukiraba? Era oluvannyuma yaddamu n'akuba essimu, kale nnina okugenda mu lukuŋŋaana olwo, olw'omu Canada. Era lujja kubaawo mu Jjulaayi, wiiki ezisembayo mu Jjulaayi. Bwe nnaavaayo ŋŋende ku Dawson Creek, ate bwe nnaava eyo ŋŋende mu Anchorage, mu Alaska, Mukama nga ayagadde.

18 Kati, tewali n'olumu ku nkuŋŋaana zino lwe nnaabadde okufuna okuluŋŋamizibwa okulugendamu, tewali n'olumu. Naye ssiyinza kulowooza kutuula butuuzi wano okuyita mu kiseera ky'omusana kyonna, nga ntudde butuuzi wano, nga abantu bafa buli wamu. Nteekwa okusiga Ensigo, buli wamu, ka kibe kiki. Bwe zitamera, ebinyonyi by'omu bbanga bwe bizirya, ka kibe kiki kyonna ekibaawo, njagala nsige Ensigo, kubanga waliwo ze Yampa okusiga. Kale mu buli ngeri ŋŋenda—ŋŋenda kusiga Ensigo. Kati, tulina ekiseera wano kye . . .

19 Abantu bangi, kye bayita, "okubatiza" abaana abato mu nzikiriza y'Ekikristaayo. Kati, ekyo tekirina kabi, bwe muba mukikola. Ekyo kiri gye muli. Eky'amazima, n'okubabatiza tebabatiza. Babamansirako bumansizi mazzi. Naye, nze ku lwange, njagala kusigala n'ekyo Bayibuli ky'egamba okukola.

N'olwekyo, ekyo kyokka Ekigambo kye kigamba, ekyo kye njagala nkole, kyonna kye Kigamba. Era, kati, ssirina wantu wonna we—we nkiraba mu Bayibuli . . .

20 Mu Ndagaano Enkadde, baaleetanga abaana abato okubakomola omubiri, abaana abato ab'obulenzi, era maama yawangayo ekiweebwayo eky'okulongoosebwa, bukamukuukulu bubiri oba omwana gw'endiga.

21 Naye, mu Ndagaano Empya, ekifo kyokka kye ndaba okujjukira omukolo guno omukulu ogwa . . . Kwabanga kuwongayo. Baaleeta abaana abato eri Yesu, n'Abasitula mu mikono Gye n'abawa omukisa. Ekyo abazadde kye baakola mu biro Bye. Era obulamu Bwe bwali kyakulabirako ky'ekyo kye tulina okukola. Mukiraba? Ebintu bino Yabikola bibeere eky'okulabirako.

22 Kati, tuddira abaana abato, bwe babaleeta gye tuli, ne tubayimusa ne tubawaayo eri Katonda, ne tubasabira emikisa gya Katonda, ne tusaba essaala ey'okubawongayo okuva eri maama ne taata, eri Katonda, nga bwe bawaayo omwana waabwe. Era . . . manya ne tubawongayo mu Linnya lya Yesu Kristo, okutuusa lwe bakula ne babatizibwa mu Linnya lya Yesu Kristo. Era kati, Yagamba nti, "Buli kye tukola mu kigambo oba mu kikolwa, tukikolenga mu Linnya lya Yesu Kristo." Kale—kale ekyo kye twagala okukola.

23 Era kaakati, nga mwannyinaffe bw'akuba mu mpolampola akayimba kano, mwannyinaffe, ke tuyimba wano, *Mubayingize Munda*. Kati bamaama ne bataata abalina abaana bano abato abatawongebwangayo eri Mukama waffe, kaakano musobola okubaleeta, nga ekibiina, bwe tubayimbira mu ngeri enseeneekerevu kati, oluyimba. Weewaawo.

> Mubayingize munda, mubayingize munda,
> Muleete abato abo eri Yesu.

24 Njagala nnyo abaana bano abato. Waliwo eky'enjawulo ekibaliko ekirungi ennyo.

25 Ono ndowooza Muyitale yennyini. Si bwe kiri? Kale. Famire y'Abayitale, balina abato be baagala bawongebweyo. Mwannyinaffe Omuyitale okuva, ha, okuva mu Chicago, ali wano. Agambye nti, "Eno ye famire y'Abayitale, enkya ya leero, naye sigenda kubuulira."

26 Erinnya lye y'ani? Jonathan David, nga linnya ddungi nnyo! Kati, Jonathan. Kitaawe yagamba mbu kitaawe yalina e—yalina erinnya ery'Abayitale, naye kye yava . . . Ayagala omwana we atuumibwe erinnya lya Bayibuli.

27 Mumanyi, nga lumu, waaliwo Omuyitale eyali ow'amaanyi mu Bayibuli, eyali ayitibwa Koluneeriyo, mukimanyi. Yalina ekitongole, era yali mulungi, era yagabiranga abantu ebintu, ate nga, yali Munnamawanga. Ebimwogerwako mubimanyi.

Era lumu Malayika yajja mu nnyumba ye, n'amugamba atumye omusajja eyali amanyi enteekateeka ya Katonda. Era ya... Emboozi eyo mugimanyi bulungi. Kubanga, yaluŋŋamyanga abantu abo bonna okussangamu Katonda ekitiibwa! "Peetero bwe yali akyayogera Ebigambo bino, Omwoyo Omutukuvu n'abakkako." Ky'ekyo. Nsaba n'omwana ono abeere nga omusajja oli, bwe bafaanaganya erinnya.

28 Jonathan, alabika bulungi nnyo! Nsobola okumusitula? Jangu wano, Jonathan. Bannange, nga wa muwendo nnyo eri famire eno!

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

29 Kitaffe ow'omu Ggulu, wayiseewo emyaka egiwerako, nga emboozi gye nnaakava okunokola, ekwata ku musajja ow'amaanyi ayitibwa Koluneeriyo, eyali omusajja omulungi, omutuukirivu, eyagabiranga abantu era nga ayagala Katonda. Okutuusa nti Malayika wa Katonda yajja mu nnyumba y'omusajja oyo. Ayi Katonda, tuwaayo gy'Oli, enkya ya leero, omuto Jonathan David. Nkusaba, ayi Kitaffe ow'omu Ggulu, nga bwe mmusitudde okuva mu mikono gya maama we ne taata we, abamuwaayo gy'Oli...Mpaayo essaala eno ey'okuwongayo obulamu bw'omwana ono okubeera obulamu obw'okukuweereza, abeere omukisa eri amaka, abeere wa mugaso eri Ekkanisa. Kituwe, ayi Kitaffe. Mpaayo gy'Oli omuto Jonathan David, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

30 Katonda abawe ekisa Kye era abayambe okumukuliza mu kutya Katonda.

Akuwe omukisa, Jonathan David.

31 Kaakati, ate ono ye, bannange, mulenzi omuto ennyo, oba muwala? Mulenzi? Bannange, ka nsuubire, nti mubuulizi omulala ajja. Erinnya lye y'ani? Micah. Micah. Ggwe ŋŋenda okubuulirako enkya ya leero. Micah Edward. Edward, eryo linnya ddungi nnyo. Kati, mukyala wange yandikoze omulimu ogw'ettendo okunsinga bwe kituuka ku ky'okumusitula, kubanga nze mbeera ntya nga ndowooza nnyinza okubumenya engeri gye buba nti bukyali butini. Mukiraba? Nga alabika bulungi nnyo, bwe yeetoolooza obuuso obwo obutono. Mutono nnyo. Wa bbanga ki? Mwezi gumu.

Leka tukoteke emitwe gyaffe.

32 Kitaffe ow'omu Ggulu, abafumbo bano abato nate bazze wano okuwaayo gy'Oli ekibala ky'obumu bwabwe eky'obulamu bw'Obawadde, babukulize mu kutya Katonda. Wa omukisa Micah ono omuto. Ayi Katonda, nkusaba Omufuule omusajja nga Micah ow'omu Bayibuli. Kituwe, ayi Kitaffe. Muwe emikisa gya Katonda. Wa omukisa kitaawe ne nnyina, era omufuule eky'okulabirako eky'amaanyi wano ku nsi, abeere wa mugaso ku lwa Kristo. Era kaakano, tuwulire, ayi Kitaffe, mpaayo gy'Oli, okuva mu mikono gya kitaawe ne nnyina, okudda mu mikono

gya Katonda, omuto Micah Edward, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

33 Mukama amuwe omukisa, nammwe abawe omukisa, taata ne maama, okumukuliza mu kutya Katonda.

Ndowooza beebo baweddeyo. [Ebbanga ejjereere ku lutambi—Omuk.]

34 Ha, njagala nnyo abaana abo abato, buli omu ku bo. Nti, buli omu ku bo, ye mwana asingayo obulungi mu nsi. Tekyetaagisa ku. . .Bwe nnaleeta Joseph ewaka nga muwere, eky'amazima, yali, mwana asingayo okulabika obubi gwe nnali ndabye, naye nze ne maama we twali tulaba nti yali alabika bulungi nnyo. Naye bwe kityo bwe kiri, mukimanyi. Ekyo kye. . . Ekyo tukirowooza bulowooza.

35 Nneewuunya, oba nga enkya ya leero, abamu ku bammemba baffe wano. Waaliwo o—o. . .Kati, eriiso *lino* lirimu empumbu ey'obutwa, ekirireetera okuggyako ekifu ekingi. Naye Mwannyinaffe Nash. . .Nnabuuzizza ku bikwata ku W'oluganda Nash; ssimanyi oba yatereera. Bali. . .Weebali wano? O, weewaawo, wuuno wano. Mukama atenderezebwe, Ow'oluganda Nash. Ekyo, ekyo kirungi.

36 Kaakati ate, Mwannyinaffe Edwards, waali wano? E. . . Manya, Mwannyinaffe Shepherd, eyalina akawala akato, akaali akalwadde, kati kali bulungi? Ekyo kirungi. Amawulire ago nnagafuna, naye ate we nnagafunira waali wabulayo eddakiika nga ttaano mbeeko abantu be nsisinkana, abaali bava wabweru wa tawuni, okunsisinkana kkinnoomu. Kale nnadduka ne ŋŋenda mu kasenge ne nsaba, era baagamba nti omwana yali akwatiddwa obulwadde bwa pooliyo, nga atandise okukakannyala emikono n'amagulu. Ne nnyingira munda okusaba, ne mbagamba nti, "Nja kujja nga nvudde ku kkanisa." Ne ŋŋamba Loyce akube essimu ategeeze omukyala nti nja kukomawo nga nvudde ku kkanisa; nti bw'anaaba anneetaaga, ampite. Era bwe nnayingira munda okusaba, Omwoyo n'agamba—n'agamba nti, "Tewali pooliyo. Ajja kuba bulungi." Ne nzija wano, era, fenna twasaba wamu wano ku kkanisa. Era embeera eyo awo we yakoma.

37 [Waliwo mwannyinaffe agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Wangi, nnyabo. ["Twagenda ew'omusawo ku Mmande, nga omaze okumusabira omulundi ogwasooka, era obuzibu bw'amawuggwe bwonna bwe yalina mu kifuba bwatereera, emimiro gye ne gita."] Mukama atenderezebwe! Okusaba kukyusa ebintu.

Ekitegeeza, taliiwo, enkya ya leero, waali, mukoddomi we? Weewaawo.

38 Ssande eyayita, omulundi gwe nnasembayo okubuulira wano, Ssande ya wiiki eri, waaliwo omuvubuka eyali atudde wano; nnabeeranga mwetegereza. Nga bwe ŋŋamba mu nze

nti, “Omuvubuka oyo nteekwa okuba mmumanyi.” Ŋŋenda okukizuula, nga yali mutabani w’omwami omu gwe nnasomako naye, Jim Poole. Ddala, omwami oyo twakula fenna, okuviira ddala mu buto, okutuusa bwe twakula. Ye muvubuka gwe nnali naye we nnafunira akabenje k’emmundu, mu kiseera kiri, ate naye oluvannyuma n’afuna akabenje ke kamu, ne mukwano gwange omulala. Nzikiriza omuvubuka oyo nsobola okumuleeta eri Kristo. Kitaawe nnamugezaako nnyo. Naye, nzikiriza, lumu ndimuleeta. Nnina essuubi nti omuvubuka oyo nsobola okumuleeta. Yalina e . . . Nnamwetegereza. Yalabika nga eyalina, kye mpita kati (kino temukikozesa ku muntu omulala yenna), naye, okusinziira ku ntunnunsi z’omwoyo we, n’enneewulira ennungi gy’alina. Nzikiriza omuvubuka oyo tekijja kuba kizibu kumukulembera kumuleeta eri Kristo. Kale leka tumusabire. Ekyo kituufu.

39 Era, ow’oluganda, ka ndabe, waliwo omuntu omulala omulwadde, oba ali mu mbeera bw’etyo, gwe ngezaako okujjukira.

40 Naye, bonna tubasabire. Kati ebiseera ebimu . . . Bwe muweereza ekyetaago, mujjukire nti, amangu ddala nga nnaakakifuna . . . Ndowooza, mukyala wange alina waali mu kizimbe, ye akimanyi. Ekyetaago ekyo oluba okukifuna nti, ŋŋenderawo mu mpuku yange, ne ntandika okusaba, ne mbeerayo okutuusa lwe mbaako ne kye mpulira. Ssimala gabivaako.

41 Luli, Sam, Dokita Sam, bwe yali anzigyamu obupapajjo obwo mu liiso, yali agezaako, kyamuyisa bubi nnyo, n’awalirizibwa okunteekako ka tawulo ku maaso. N’agamba nti, “Ssaagala kulaba musaayi gwa mukwano gwange.” Yagamba . . . Ate nnali nsaabaanye omusaayi nzenna, nga bwe mumanyi. N’agamba nti—n’agamba nti, “Ssiyinza kulaba ku musaayi gwa mukwano gwange ne mbaako ne kye nkola.” Mukiraba? Bw’atyo n’abuggyamu. Ate enkeera yali mu ddwaliro. Ne mmusabira, n’avaayo nga ali bulungi.

42 Ate olunaku olwaddirira, mukyala we, baali tebamanyi na kimutuuseeko, baalowooza oba oli awo yali akwatiddwa pooliyo. Mukiraba? Baagamba, baagamba nti . . . Naye ne mmusabira, era kati ali waka ali bulungi. Kale twayingira mu kasenge, Doc . . . Ne tugenda mu woofiisi, n’a . . . Ne tuggulawo oluggi ffembi, kye yava aŋŋamba nti, “Kaakati, Ow’oluganda Bill, ŋŋenda kubaako ne kye nkubuuza.” N’ambuuza nti, “Onaatusabira nze ne Betty?”

Ne ŋŋamba nti, “Leka. Leka tusabe.”

43 Kale, ye Mukama gwe yalaga okwolesebwa, aw’okuzimba ekifo awajjanjabirwa abalwadde. Mmwe, mujjukira emboozi eyo. Bw’oba nga ogibuusabuusa, lumu oyitangayo n’omubuuza. Weewaawo, yaŋŋamba nti, “Leka buli omu yenna ajje.” Ne mmugamba nti, “Nkibuulidde abantu omutwalo mulamba.”

44 [Waliwo ow'oluganda agamba nti, "Ow'oluganda Branham?"—Omuk.] Wangi, ow'oluganda. ["Eri mmwe abali wano enkya ya leero n'okwongera okuteeka okukkiriza mu mitima gy'abalala: Ku Ssande ya Paasika ku makya, olina emmeeme ey'omuwendo gye wayitayo, eyali ey'okusatu, yali musajja. N'ogamba nti yali ava mu Seymour. Era n'ogamba, nga okozesebwa Omwoyo Omutukuvu n'omugamba nti, 'Bakuyita, "Bill."' Omusajja oyo mmumanyi. Mmumanyi bulungi nnyo. Era bwe twava wano, erinnya lye ye Isaac. Naye baamukazaako lya 'Bill.'"] Yee, ssebo. Mukiraba?

45 Erinnya lye lyennyini ye Isaac. [Ow'oluganda addamu nti, "Bwe kiri."—Omuk.] Naye bamuyita Bill. ["Bwe kiri."]

46 Omwoyo Omutukuvu takola nsobi. Tayinza kukola nsobi. Kati, kino, waliwo eyabadde ayogera, eyagambye...Nnina—nnina emyaka ataano mu esatu, era asatu-...nnakamala emyaka nga asatu mu gumu, nga ndi mabega wa kituuti, era mmulabye mu nkumi n'enkumi ez'ebintu.

47 Jjo, nnabadde mmanga, emmanga ddala eri, mu bukiikaddyo bwa Kentucky, ku nsalo ya Tennessee, era nnabadde ntudde mu lyato n'Ow'oluganda Daulton, Mukama gwe yawa abaana be bonna. Mujjukira ku makya ga luli, bwe yasimbula okugenda. N'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "ndowooza kizibu ggwe okuteebereza."

48 Ne mmugamba nti, "Ha, Ow'olugamda Daulton, wabaddewo enkumi n'enkumi emirundi nkumi na nkumi ez'ebintu ebiringa ebyo."

N'ambuuza nti, "Lwaki togezaako kuwandiika kitabo" (ne ŋŋamba nti...) "eky'ebintu ebyo?"

49 Ne mmugamba nti, "Ha, bannange, Ow'oluganda Daulton, ekitabo ekyo kisobola o—okusinga eryato lino obunene, eba ensayikulopidiya, ey'entuumo y'ebitabo eby'ebyo bye ndabye Mukama nga akola. Era tewali mulundi n'ogumu lwe Yali alemereddwa, mulaba, tewali wadde omulundi n'ogumu; naye, bituukirira buli mulundi."

50 Kati nzikiriza, bwe mba ssiwubiddwa, nnengera, muwala w'Ow'oluganda Shepherd, ayambadde ekiteeteeyi ekya langi eringa eya kacungwa. Ndowooza ya kacungwa. Nnayimiriza emmotoka kumpi naye, luli ku makya. Yali atambula ku luguudo, naye muli ne ndowoozaamu nti nnandiyimirira okutwala omuwala atali ye, kye nnava nsimbula ne nneeyongerayo. Kale mwannyinaze, oyo eyayimirira yali nze. Nna—nnali ndowooza nti yali muwala w'Ow'oluganda Shepherd, mmutwaleko, kubanga nnalowooza nti oba oli awo emmotoka y'ow'oluganda yali efunye obuzibu oba ekintu bwe kityo. Twali tugenda, kunona Becky. Naye ne—ne ndowooza nti yandiba omuwala omulala. Naye kati bwe mmulengedde nga

atudde nabo awo, kati nzi—nzikiriza yali ye. Kale bambi oyo yali nze eyasibamu ate ne mmala ne nsimbula.

51 Kale, buli omu ayagala Mukama waffe Yesu? O, kirungi nnyo! Ekyo kirungi nnyo ddala. Amiina.

52 [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Ow'oluganda Willard yaakayingira."—Omuk.] Kale, Ow'oluganda Willard, tukusanyukidde. N'ekirala, olabika bulungi, okusinziira nga bwe nkulaba. Ffembi wali oyinza okulowooza baatumesse omugaati ogulimu ebirungo ebibissi, mu maaso. Nnali ndabika nga gwe baakubye omugaati ogulimu ebirungo ebibissi. Era nnalaba Ow'oluganda Willard ekiro ekyo, bwe yali yeebase, amazima gennyini, yali alabika bubi nnyo. Naye kati olabika bulungi nnyo enkya ya leero. Era Katonda tumwebaza era tumutendereza olw'ekyo, ow'oluganda. Amiina. Weewaawo. Omanyi, ssetaani tasobola kututta okutuusa nga Katonda agambye nti, "Jangu." Awo tuba beetegefu okugenda, si bwe kiri, Ow'oluganda Wildard? Bwe kiri. Okutuusa nga ekiseera ekyo kituuse ssetani atawaanira bwereere. Ky'ekyo. Mukama waffe Yesu ye buyambi bwaffe era ye kiddukiro kyaffe.

53 Kati ndi wano njogera nnyo, ate nga nkyalina okubuulira okumala essaawa nga mukaaga enkya ya leero. Mukiraba? Ki . . . Kati, tetwalanze, tetwaweerezza bubaka bwa kulanga, n'ebirala bwe bityo, kubanga nnali nnamala dda okulangirira nti sijja kubeera wano. Naye, nnazze kuyamba ku Ow'oluganda Neville, n'okuddamu okubalabako, n'okubeerako n'akaseera ak'okussa ekimu.

54 Era ekiro kya Ssande ewedde, Ow'oluganda Roy Roberson, ssimanyi oba waali, oba nedda. Ssisobola kwetegereza bulungi kulaba oba waali. Yankubira essimu, nga annyumiza ku Bubaka.

55 Waliwo n'omulala eyakuba essimu, n'aŋŋamba nti, "Nnali nneewuunya bwe wayogera ku kuba nti 'Katonda yatuwa ebintu byonna.'" Mukiraba? Yabituwa. Yatuwa obulamu. Gezaako okubugula. Yatuwa okwagala. Gezaako okukugula. Yatuwa essanyu. Gezaako okuligula. Yatuwa emirembe. Gezaako okugigula. Toyinza kugigula. Tosobola kugigula.

Bwe nnava awo ne ŋŋamba nti, "Yatuwa okufa."

Waliwo eyankubira essimu, n'aŋŋamba nti, "Mubuulizi, nnasigala nneebuuza wa gy'olaga n'ensonga eyo." N'agamba nti, "Mu nze nnagamba nti, 'Uh-oh, wano Ow'oluganda Branham yeesibye enkalu.'" Mpozzi nga Bayibuli si bw'egamba. Mukiraba? Bayibuli egamba nti Yatuwa okufa.

56 Kati, okufa tuyinza kukukolera ki? Mumanyi, Pawulo bwe yatuuka okufa, yabuuza nti, "Ggwe okufa, empiso yo eri luuyi wa?" Okufa si kwe kutufuga. Ffe tukufuga. Bwe kiri. Ebintu byonna byatuweebwa.

57 Kye nnava mpa eky'okulabirako eky'engeri Isiraeri, bwe baali batambula bagenda mu nsi ensuubize, ensi eyo baali tebagirabangako. Baali tebalina kye bagimanyiiko yadde. Ekintu kyokka kye baalina kyali kisuubizo kya Katonda nti, waaliwo ensi, era yali ejjuddemu amata n'omubisi gw'enjuki, era—era nga kifo ekirungi ddala. Era yali. . .Baali tebagirabangako. Tewaali n'omu ku bo eyali agibaddemu, nga tebalina n'ekimu kye bagimanyiiko. Naye baalina ekisuubizo ekigyogerako. Era olw'okukkiriza baatambula ne bayita mu ddungu.

58 Era bwe baatuuka ku nsalo, baalina omulwanyi eyali ayitibwa *Yoswa*, ekitegeeza nti, "Yakuwa Omulokozi." Kale yasomoka omugga Yoludaani, n'ayingira mu nsi ensuubize, n'akomawo n'obukakafu nti ensi gy'eri. Ekyo nkyagala nnyo. Era yali nsi nnungi. Abasajja babiri beetikka ettabi limu ery'ezabbibu. Yali nsi nnungi, n'olwekyo yaleeta obukakafu obukakasa nti ensi gye baali bagenda okulya ddala yali gy'eri.

59 Kaakati, eri Ekkanisa, tuli mu lugendo nga tugenda mu Nsi ey'obutafa, Ensi etaliimu kufa, Ensi abafu gye bazuukizibwa. Era twalina Omulokozi ow'amaanyi mu lusiisira lwaffe. *Yesu* kitegeeza "Yakuwa Omulokozi," Omwagalwa. Era Yasomoka omugga Yoludaani ogw'okufa, n'ayingira mu Nsi eri endala, n'akomawo, n'ajja n'obukakafu nti bwe tumala okufa tuddamu ne tuba balamu. Amiina. Kati awo okufa kuli ludda wa?

60 N'olwekyo Yatuwa ebintu byonna. "Kati tulina omusingo gw'obusika bwaffe. Okutuusa nti. . . " Kati muwulirize bulungi. Kati ekyo si kye ŋŋenda okubuulirako, naye kindeetera okuwulira obulungi mu kaseera kano. Mukiraba? Okukimanya nti, tulina omusingo gw'ekyo. Kubanga, lumu twali tutambulira mu kibi; naye bwe twamala okubatizibwa mu Linnya Lye, ne tuzuukira wamu Naye mu kuzuukira, twaggyibwayo mu kibi, tetukyagala yadde n'akatono kukiddamu. Mukiraba? Twazuukizibwa okuva mu kibi, n'obukakafu bwe tulina. Mu ngeri emu oba endala twazuukizibwa okuva mu kufa okwa buli ngeri yonna. Mukiraba? Bwe tuba twasobola okuzuukira okuva mu kibi, olw'okukkiriza mu Ye; ate nga ekibi weekiri, ani yandyagadde okuddayo mu bipipa bya kasasiro eby'ekibi nate? Mukiraba? Twava mu kufa ne tuyingira mu Bulamu. Mukiraba? Era ogwo gwe musingo. Amiina. Ogwo gwe musingo gw'okuzuukira okujjuvu. Okufa kwonna, okw'omubiri n'okw'omwoyo, okufa okw'omwoyo twakuwangula, kubanga twava mu kufa ne tuyingira mu Bulamu.

61 Era nga Eriya lumu bwe yagenda ku Yoludaani, n'agukuba, nga ali ne Erisa, ne gweyawulamu, n'asomoka. Yakomawo n'omugabo gwa mirundi ebiri.

62 Naffe bwe tukuba Yoludaani, nga tuli ne Kristo, tuba n'omugabo gumu, naye bwe tulikomawo, tulikomawo

tulina emigabo ebiri. Mu kaseera kano, tulina Obulamu Obutaggwaawo, okuzuukira okuva mu kibi, mu butuukirivu n'Omwoyo Omutukuvu. Naye bwe tulikomawo, ne Kristo, tulikomawo n'okuzuukira okw'emibiri, ate nga tusangiddwa tulina okuzuukira okw'omwoyo. Tulifuna omugabo ogw'emirundi ebiri ogw'okuzuukira okwo. Bulijjo kifaananyi ekyoleka Kristo n'Ekkanisa: Erisa ne Eriya.

63 Ha, ekyo ssaagala kukitandikako. Bannange, bannange, bannange, tetujja kusobola kukwata ku Bubaka buno wano obw'okumala essaawa omukaaga. [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Nnyama ku magumba, ate."—Omuk.] Weewaawo. Bannange! "Nnyama ku magumba," Ow'oluganda Neville. Tukyagigaaya. Ha, temuli basanyufu? Mukiraba? Tetulina . . .

64 Tewakyali kitweraliikiriza. Okufa tekukyali nsonga. Ffe tukulina. Kwaffe. Tekuyinza kunfuga. Nze nkufuga. Ntya? Okuyita mu Oyo Eyanfuula omuwanguzi, kubanga nnawangula dda okufa. Nnakikola ntya? Nga mmukkiriza. Mukiraba? Okufa kuli mu kibi, obutakkiriza. Nze siri mutakkiriza. Ndi mukkiriza. Nnazuukira ne nva mu kintu ekyo, nnazuukira. Gwe musingo gw'okuzuukira kwange kwonna okw'omubiri, n'okw'omwoyo, na buli kimu. Yee, ssebo. Mukitegedde? N'olwekyo ffe tufuga okufa, okuyita mu Yesu Kristo Eyawangula okufa, ggeyeena, amagombe, endwadde, ennaku, na buli kimu kyonna, byonna n'abimegga.

65 Era kaakano twazuukira wamu Naye, nga tutudde mu bifo eby'omu Ggulu, mu mwoyo, mu Kristo Yesu, nga tulina ebintu byonna wansi w'ebigere byaffe. N'okuzuukira okw'omubiri kuli wansi wa bigere byaffe, kubanga tuli mu Kristo. Mu—mukitegeera? Bwe muba mukitegeera, muyimuse ku mikono gyammwe. Amiina. Ekyo kirungi. Kasita muba nga mukitegeera, ekyo kirungi. Mukiraba? Toganya . . . Kaakati ekyo kikuumire mu birowoozo byo. Okiraba? "Twasomoka ne tuva mu kufa ne tuyingira mu Bulamu," mu mubiri, mu mwoyo, mu buli ngeri yonna.

66 Era buli kimu, n'ebintu byonna, kaakano byaffe. Kati, ab'ensi bagamba tuli batabufu ba mitwe, ate nga ensi yonna yaffe. Onaagisikira otya?

67 Bwe, nga bwe nnagambye, Ibulayimu, mulaba, yali mu nsi ensuubize; Katonda yagimuwa. Lutti ne wabaawo abatamanyaŋŋamba abaamuwamba, ne bamutwala. Oyo yali mwana wa muganda we. Kale. Buli kimu kyonna ekyali mu nsi eyo kyali kya Ibulayimu. N'olwekyo, teyali mulwanyi. Yali talwanangako. Teyalina balwanyi bonna. Yalina baddu buddu. Naye bwe yakiraba nti waliwo, ssetaani, yali azze n'amunyagako ekintu ekyali kyamusuubizibwa, yakwasa abaddu be eby'okulwanyisa naye n'akwata eky'okulwanyisa. Yali tamanyi ngeri gy'agenda kuwangulamu kibinja kya

bakabaka bano. N'abaddu ab'olubatu obubatu, naye Katonda yamugamba engeri y'okukikolamu. Beekolamu ebibinja, ne batta bakabaka, ne bakomawo n'obuwanguzi. Lwaki? Yateeka okukkiriza kwe mu kisuubizo kya Katonda ekyali kigamba nti buli kintu kyonna ekyali mu nsi eyo kyali kikye, era Lutti yali kitundu ku byo, bwe kiri, yali kitundu ku nsi eyo. O, bannange!

68 Era eyo gye yasisinkanira Merukizeddeeki, nga olutalo luwedde. Musobola okulaba Ibulayimu nga atambula mu kkubo akomawo? Yali takimanyi nti mulwanyi, naye ku olwo yakitegeera nti mulwanyi. Yee, ssebo. Era yasisinkana Oyo Eyamuwa ekisuubizo, Merukizeddeeki.

69 Kaakati leka tusome okuva mu Kitabo kya Amosi. Enkya ya leero ŋŋenda kubuulira; naye, sigenda kubuulirira ssaawa mukaaga. Ssisuubira nga nnaaziweza. Okiraba? Ku—ku ky'okuyigako, ekigamba nti, *Nnabbi Omutuufu Bw'Abeera Ne By'Ayitamu*. Ate akawungeezi, Mukama nga ayagadde, ŋŋenda kwogera ku, *Okwetikkulako Akanyigo*, era kale—kale Mukama bw'anaaba ayagadde.

70 Kaakati, mmanyiddwa nga omuntu avumirira, naye si—si—sivumirira, okuggyako ekintu bwe kiba nga kikyamu. Naye nze, ffenna, tusaanye okuvumirira ekikyamu.

71 Kaakati, bwe muba mwagala okuteekako ebyuma byammwe ebikwata amaloboozi, mu kisenge, kaakano, musobola okubiteekako. Kati njagala nsome okuva mu Amosi, essuula ey'oku 3. Manyanga e. . .Weewaawo. Essuula ey'oku 3 eya Amosi, ngisomeko ekitundu, Amosi 3:

> *Muwulire ekigambo kino* M*UKAMA* *ky'aboogeddeko, Mmwe abaana ba Isiraeri, ku kika kyonna kye nnalinnyisa nga nkiggya mu nsi y'e Misiri ng'ayogera nti,*
>
> *Mmwe mwekka be nnamanya ku bika byonna eby'ensi zonna: kyendiva mbabonereza olwa. . .*olw'obutali butuukirivu *bwammwe.*
>
> *Ababiri bayinza okutambulira awamu, wabula nga batabaganye?*
>
> *Empologoma ewulugumira mu kibira nga terina muyiggo? empologoma ento eyima mu mpuku yaayo okulira nga teriiko ky'ekutte?*
>
> *Ennyonyi eyinza okugwa mu mutego ku nsi, nga tebagiteze kakunizo? omutego gumasuka okuva wansi nga teguliiko kye gukwasizza?*
>
> *Bafuuyira ekkondeere mu kibuga, abantu ne batatya? obubi bugwa mu kibuga,* M*UKAMA* nga *tabuleese?*
>
> *Mazima Mukama. . .taliiko ky'alikola, wabula* abikkulira *abaddu be bannabbi* ebyama bye.

*Empologoma ewulugumye, ani ataatye?* M*UKAMA* *Katonda* ayogedde, *ani ayinza obutalagula?*

72 Amaaso ge gateekwa okuba nga gaali gayimbadde bwe yali ayimiridde ku makya g'olunaku olwo ku kasozi akaali emabega w'ekibuga kya Samaliya. Mmulaba nga ayisa emikono gye eminywevu mu kirevu kye eky'envi. Nga akasana bwe keememula. Endabika ye yali tesikiriza nnyo kiri awo. Nga yali ayawukana nnyo ku babuulizi b'ensangi zino ab'omulembe! Engoye ze zaali zeefunyizzafunyizza; nga yenna ebirevu bisasamadde. N'atunuulira ekibuga ekyo ekya Samaliya, nga amaaso ge bwe geeyongera okuyimbaala. Endabika ye yali tesikiriza kiri awo, naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA eri eggwanga eryo.

73 Ob'olyawo, enteekateeka z'enkuŋŋaana zino Mukama ze yali amusindiseeko mu Samaliya, zaali, zaawukana nnyo, ku ezo ababuulizi baffe ab'omulembe ze bandikoze. Teyalina bya kukozesa mu nkuŋŋaana za ngeri eyo, nga bwe twandirowoozezza bwe kyandibadde leero. Naye mujjukire nti, teyali mubuulizi wa njiri ow'omulembe. Yali nnabbi. Teyafaayo ku bikozesebwa eby'omulembe. Yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

74 Teyafaayo ku bwe yali afaanana, na musono ki gwe yali ayambadde, oba enviiri ze nsanirire bulungi, yadde okufaayo oba waliwo amutunuulira oba nedda. Yalina Ekigambo kya Mukama. Ekyo kye kyali ekigendererwa kye ekijjuvu: okuleeta Ekigambo kya Mukama ekyo. Omusajja ono yali ani? Yee. Yali Amosi, nnabbi, omusajja enjasa biggu, naye yali amanyi w'ayimiridde. Yali amanyi ky'akola. Yali nnabbi omutuufu ow'Ekigambo. Era ensonga lwaki yali azze mu kibuga kino, yali lwa kubanga Ekigambo kyali kizze gy'ali.

75 Era Ekigambo kya Mukama bwe kijja eri omuweereza omutuufu, ateekwa buteekwa okugenda, embeera ka zibeere zitya, oba ka wabeewo obuzibu obufaanana butya. Mu buli ngeri, ateekwa okugenda. Oba yeeteeseteese, oba awulira yandyagadde okugenda, oba ayagala okugenda, oba kiki kyonna; mu buli ngeri, ateekwa okugenda. Katonda y'aba ayogedde, era abeera ateekwa okutwala Obubaka buno. Kubanga, bu. . . Tagenda lwa busirusiru. Tagenda lwa ssente. Tagenda lwa ttutumu. Agenda lwa kintu kimu kyokka, mu Linnya lya Mukama. Abeera atumiddwa ku—ku mulimu, era Mukama y'aba amutumye. Era abeera Kigambo kya Katonda, kubanga aba yeetisse Ekigambo kya Mukama. Oyo ye nnabbi wa Mukama omutuufu.

Omutwe gw'eky'okuyigirizaako kyange gugamba nti: *Nnabbi Wa Katonda Omutuufu Bw'Abeera Ne By'Ayitamu.*

76 Omusajja wa Katonda ono ow'amaanyi, eyali tatya yalagula mu nnaku za Yerobowaamu ow'okubiri. Nninawo wano ebimu ku byafaayo bye. Yalagulira emyaka nga kkumi n'esatu

mu buweereza bwe. Era Yerobowaamu yali, Yerobowaamu ow'okubiri, yali omu ku basajja abagezi era abalina obusobozi Isiraeri be yali ebadde nabo okumala ekiseera ekiwera. Yali musajja eyali aleetedde Isiraeri okukulaakulana. Isiraeri yali yeeyongera kukulaakulana. Naye, ya, waaliwo ekikyamu kye yalina. Yali musinza wa bifaananyi.

77 Era kino, luli bwe nnali nkisoma, muli nnalowoozaamu nti kifaananira ddala n'ekiseera kino. Omuntu ne bw'aba mugezi okwenkana wa, ne bw'aba nga asobola okukola ebintu ebyenkana wa, ne bw'akulaakulana okwenkana wa, ssinga ava ku Katonda, abeera akotoggedde eggwanga, bw'ava ku Katonda n'Ekigambo Kye. Simanyi oba ekyo tekifaanana ne kye tulina, leero, eri omuntu ayagala okutuula ku ttivvi alage nga bw'ali omugezi, alage nga bw'ategeera ennyo. Naye simanyi oba ategeera ekimala okutwala BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali musajja mugezi, ekyo kirungi.

78 Isiraeri yali mu mbeera ya kugwa. Ababuulizi baayo, bakabona baayo, ne gavumenti yaayo, bonna baali baava ku Kigambo kya Mukama. Kati, ekyo baali tebakikkiriza. Baali bakkiriza nti baali wamu n'Ekigambo kya Mukama. "Naye waliwo ekkubo omuntu ly'ayita eddungi, naye enkomerero yaalyo ge makubo ag'okufa." Lwaki baali bakyamu? Nga lwaki omuntu akkiriza nti—nti—nti baali bakyamu? Obwakabona obwo bwonna obw'abasajja, enkumi n'enkumi z'ababuulizi ne bakabona, ne bakabaka wamu n'abafuzi, bonna abaali beeyita abasinza Katonda, nga, ate, bonna baali bakyamu.

79 N'olw'ensonga eyo, bo okukulaakulana baali tebeetaaga kabaka. Kye baali beetaaga ye nnabbi, kubanga Ekigambo kya Mukama, oba okuvvuunulwa kw'Ekigambo kya Mukama, kujja eri nnabbi omutuufu. Kati okusinziira ku ekyo oluusi osobola okulaba by'ayitamu. Bibeera bizibu nnyo, nga bakabona bonna, n'ababuulizi bonna, ne—ne—n'abafumu bonna, ne—ne gavumenti yennyini nga bonna bamulwanyisa. Naye, ate, Ekigambo kya Mukama kijja eri nnabbi, era ye yekka. Y'abeera n'Ekigambo ekituufu. Newankubadde yalina Bayibuli y'emu gye baalina, naye Ekigambo kyajja gy'ali. Katonda yakakasa nti yalina Ekigambo.

80 Baalina ebizimbe ebisingayo okulabika obulungi n'enkola z'eddiini, n'ebirala, bye baalina, ebyoto ebyazimbibwa buli wamu, ne—n'ebintu ebya—ebya buli ngeri, naye era baali mayiro akakadde kalamba okuva ku Kigambo kya Katonda.

81 Ku lwange, ndowooza nti, ekifaananyi ekyo kituukagana bulungi n'ekiriwo leero, bwe nsoma Ekitabo kino ekya Amosi. Muteekwa okukisoma nga muzzeeyo eka. Gavumenti yonna, bakabona, bonna baali baava ku Kigambo kya Katonda.

82 Njagala nsomeyo ekitundu ekirala wano mu Byawandiikibwa, kye nnina, okulaga we baakikolera. Kati

leka tusome essuula ey'oku 2 n'olunyiriri olw'oku 4, mu kaseera katono.

> *Bw'ati bw'ayogera* M*UKAMA* *nti; Olw'ebyonoono bya Yuda bisatu, weewaawo olw'ebina, sirikyusa kubonerezebwa kwe okumuvaako; kubanga bagaanyi amateeka ga* M*UKAMA*, . . .

83 Ekyo ky'Ekigambo, baakigaana, kyokka ate baali balowooza bakirina.

> . . .*so tebakutte biragiro* byange, *n'eby'obulimba byabwe* bibaleetedde okuwaba, . . .

84 Kaakati, Ekigambo baali bakirina, Bayibuli, naye obulimba bwe baakigattako bwabaleetera okuwaba.

> . . .*ba*. . .*bajjajjaabwe bye baagobereranga mu kutambula kwabwe:*

85 Ensonga mugiraba? Kaakati, baali baawaba kubanga Ekigambo baali baakiteekamu enzivuunula ezaabwe oba ennyinyonnyola. Era nnalowoozezza nti kifaananira ddala n'ekiriwo leero, we tulina bangi abaagala okuteeka endowooza zaabwe mu Kigambo, ne twesanga nga tuli mu mivuyo. Nga kwali kunenyezebwa okw'amaanyi okuva eri Katonda, nnabbi ono kwe yalina.

86 Kati, Amosi yali nnabbi wa Katonda, nnabbi omutuufu. Buli muntu yenna asoma ku Amosi amanyi bulungi obuvumu bw'omusajja wa Katonda oyo eyali tatya. Abalibwa nga omu ku bannabbi abatono kubanga teyalwaawo nnyo, naye mazima ddala embazzi yagiteeka ku kikolo ky'omuti. Yali omu ku bannabbi abaali batatya yadde, era yajja n'amafuta. Yajja ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Yali amanyi ky'ayogerako, kubanga yaliko amafuta ga Katonda okusobola okubaleetera enzivuunula entuufu ey'Ekigambo kya Katonda.

87 Amosi yava mu kyalo, mu ddungu, n'ajja mu kibuga ekyalimu ebintu amatiribona. Yali tatuukangayo. Yali muvubuka munnakyalo, nga abeera eyo mu ddungu. Bwe yali emabega eyo nga ali mu kusaba, Katonda yali yamusisinkana, era yali yamubuulira ku bwonoonefu bw'eggwanga lino eryalimu ebintu amatiribona naye yennyini mwe yali abeera. Era Samaliya kye kyali ekibuga ekikulu, ekimu ku bibuga ebikulu mu kiseera ekyo, mu bufuzi bwa Yerobowaamu.

88 Era bwe yayimirira awo ku makya g'olunaku olwo, ku ntikko y'olusozi, nga atambula ayambadde engoye ze enkadde, ezeefunyizzafunyizza, ez'omu kyalo, oba oli awo nga yenna ajjudde n'enfuufu n'ebisooto ku bigere, n'engoye ezo ezaali zeefunyizzafunyizza ze yasulangamu, buli kiro. Kati simanyi, mu biseera ebyo teyalina bibaafu bino eby'omulembe mwe banaabira. Ob'olyawo yali amaze ennaku eziwerako nga tanaaba. Naye ekyo tekikosa kiri munda mu muntu.

Leero, tuteeka nnyo essira, ku by'ebweru, okusinga bwe tuliteeka ku kiri munda. Tufaayo nnyo okulaba nga tunaaba buli lunaku, enviiri zaffe zirabirirwa, ne tukyusa engoye ze twambala, n'ebirala byonna, naye ne tuleka ekiri munda nga tekifiiriddwaako, ne twambala ebyambalo eby'ekibi bye bimu, ne tuleetera emmeeme okuvaamu ekivundu olw'ebikwate n'ebiyiiye, ne tutafaayo kugikebera na kuginaaza mu mazzi g'Ekigambo ag'okwawula, okuva mu bintu by'ensi.

89 Bwe yali ayimiridde ku makya g'olunaku olwo, nga alengera ekibuga ekyo ekyali kijjudde ebintu amatiribona, nga asinziira waggulu ku kasozi, nga kijjudde ebintu eby'omulembe bye yali talootanganako nti gyebiri. Isiraeri yali ku ntikko yaayo. Yali yatta omukago n'amawanga gonna agaali gagyetoolodde. Gaali matiribona agawedde emirimu, nga abakazi bambadde banekaanekanye, ne—n'abasajja bwe batyo. Era baali baatwalibwa eby'amasanyu, nga babeera n'emisinde egy'empaka, n'emizannyo gya olimpikisi, n'ebirala byonna. Tekyewunyisa okuba nti amaaso ge gaayimbaala; nga tegaayimbaala lwa bintu amatiribona ebyali mu kibuga, nga abalambuzi abamu bwe bandikoze, bwe bajja mu New York, oba bwe bagenda mu Los Angeles, ne balaba abakazi abambadde enkunamyo, n'abasajja nga beejeeguula, n'ekibi.

90 Abamu ku mikwano gyange, ennaku ntono eziyise, baali bava gye baali bagenze okuvuba, ne balengera eky'emmanga w'ettendekero lya Bayibuli, ettendekero lya Bayibuli ery'amaanyi erimanyiddwa ennyo. Ne balengera, abawala abato, kyenkana abali obukunya, n'abalenzi abato, nga bagalamidde mu kkubo, mu muddo, oba oli awo baali bayizi okuva mu ttendekero eryo, nga banywa omwenge bwe beejeeguula, mu ngeri eyennyamiza.

91 Kati, okwejeeguula okw'ekika ekyo kukyamuukiriza bangi ku Bamerika abeeyita Abakristaayo. Bwe batunula wansi ne balengera Los Angeles, manyanga nnabalabako bwe twali ku nnyonyi nga tujja mu Los Angeles; baali tebatuukangayo; oba mu Hollywood, oba—oba mu Florida nga yonna wajjudde ebitaala byabwe ebyo ebimyansamyansa nga babiwanise waggulu—mu miti egy'enkindukindu. Ha, nga baddamu ne beekuba pawuda ku nnyindo, ne batereeza eby'okwewunda byabwe. Baali. . .nga balowooza kye balaba ky'ekintu ekisingayo okusikiriza kye baali balabye. Nga bwe balaba abeekozeeko era abambadde obulungi, nga batambula ku nguudo, nga bawulira baagala bafulume bagende balabe oba nabo basobola okwambala obugoye bwabwe obubamiima, oba okugenda nga babigula obubina nga bwe batambula ku nguudo. Nga, balowooza nti ekyo kya kitalo nnyo.

92 Naye amaaso ga nnabbi oli agaali gaafukibwako amafuta tegaayimbaala lwa bintu amatiribona, nga ag'abalambuzi abamu, naye gaayimbaala olw'obusiiwufu bw'empisa, z'abantu

abaali bagambibwa okubaako omukisa gwa Katonda. Amaaso ge tegaatunuulira bintu amatiribona. Tegaayimbaala lwa bintu amatiribona. Gaayimbaala lwa—lwa—lwa bugwenyufu na bwonoonefu obw'abantu abaali baayitibwa okuba abalonde ba Katonda, okutuuka okweyisa mu ngeri bw'etyo etasaana. Ky'ova olaba, yagamba nti, "Empologoma ewulugumye, ani ataatye? Katonda ayogedde, ani ayinza obutalagula?"

93 Yalaba bwonoonefu, obuvundu. Ebyo bye yali alaba. We yalabira ebyo byonna. Tebyamusikiriza n'akatono. Byalwaza bulwaza mmeeme ye. Lwaki? Yali nnabbi. Yali amanyi Katonda kye yasuubiza okuwa omukisa, n'omukisa kye gutegeeza, n'engeri abantu gye beeyisaamu nga bafunye omukisa. Naye ssetaani yakyamya mu kiseera kye, okuva mu ekyo omukisa kye gulina okuba, okufuuka o—o—obwonoonefu; omukisa ogw'okusikiriza amaaso n'okuyaayaana kw'abantu abatakyusibwanga, okubaggya ku ebyo Katonda by'ayagala n'ekkubo lya Katonda, n'ekkubo lya Katonda ery'obulamu.

94 Nga kifaananira ddala n'ekiriwo leero! Engeri ababuulizi gye basobola okuyimirira ku kituuti, ne batunuulira ekibi n'obwonoonefu ebiri mu nsi, ne balaba abantu nga bakola era nga beeyisa nga bwe beeyisa, naye ne babasabira busabizi mukisa kubanga ba mmemba ba kkanisa zaabwe, oba ekibiina ky'eddiini, kisukka ku mmeeme yange ky'esobola okutegeera.

95 Katonda bw'ayogera, lagula! Omwoyo wa Katonda bwakka ku nnabbi wa Katonda omutuufu, ajja kwogerera waggulu n'Ekigambo. Ssaagala kuvumirira naye ani asobola okusirika? Ani ayinza okuyimirira n'atunuulira ekintu ekifaanana bwe kityo, n'agamba nti muweereza wa Kristo, naye n'atakivumirira? Sifaayo kiki ekibiina ky'edddiini kye kigamba, oba ekkanisa yonna ky'egamba; y'ensonga lwaki siri kitundu ku byo. Bakugoberawo, amangu ddala. Naye Ekigambo kya Katonda kye kirina okukulembera. Bw'oba oli mubaka, eky'okwogera okirina. Bw'oyogera ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo kino, tobeera mubaka ava eri Katonda; obeera mubaka wa ndagaano gye wakola n'ekibiina ky'eddiini oba endowooza ey'engeri emu. Naye omubaka wa Katonda abeera n'Ekigambo kya Katonda.

96 Era mukwano gwaffe, enkya ya leero, nga bwe twamulabye, yalina Ekigambo kya Katonda, kubanga yali nnabbi wa Mukama omutuufu.

97 Kati, baalowooza nti baalina e—enzivuunula yaakyo, ne balowooza nti, "Naye, mazima, laba ebintu bye tukola."

98 Kaakati, kiri nti, tumulaba ayimiridde waggulu ku ntikko y'olusozi enkya ya leero, nga alengera wansi, mu kibuga. Nga bw'anyeenya omutwe gwe, nga alaba ebigenda mu maaso; nga amaaso ge gayimbadde. Nga bw'addira omukono gw'essaati ye bw'agusanguza entuuyo mu maaso ge, n'enfuufu. Nga akasana

akeememula bwe kamwakako mu mutwe gwe ogw'ekiwalaata. Nga ekirevu kye bwe kirengejja; nga bw'akisiimulako n'engalo ze. Teyalaba bintu amatiribona. Yalaba kibi. Tebyamusanyusa. Byamwesisiwaza bwesisiwaza.

99 Lwaki teyagamba nti, "Nze, Omuyisiraeri, laba eggwanga lyange bwe likulaakulanye"? Ekyo yandikyogedde atya nga yali nnabbi wa Katonda omutuufu, amanyi ebiva mu ekyo, n'ekyali kigenda okuva mu kintu nga ekyo?

100 Leero leka tumuyimirize waggulu ku kasozi alengere ebiri wansi. Leka atunuleko mu Jeffersonville, ku bantu abeeyita Abakristaayo. Leka atunuleko awantu wonna mu Amerika anoonye abantu abeeyita Abakristaayo. Amaaso ge Katonda ge yafukako amafuta gaba gajja kuddamu okuyimbaala. Emikono gye ne gikankanira mu kirevu kye. Lwaki? Kubanga ebintu amatiribona n'enkulaakulana ensi by'eraba ye si by'alaba. Ye alaba ku—kusengeuka kuva ku Katonda. Alaba bwonoonefu bwa bantu. Alaba kuddirira kwa ggwanga. Alaba kuvunda mu kkanisa. Ayinza atya okukola ekirala kyonna okuggyako okwekaliriza nga ayaayaana okukituukamu, akiyuzeeyuze obulere?

101 Watya singa omulabirizi omu amusisinkana waggulu eyo, n'amugamba nti, "Kati, ye ggwe nnabbi wa Mukama? Kati, tugenda kukubuulira by'osaanidde okwogera ne by'otasaanidde kwogera"? Mulowooza yandimuwulirizza? Watya singa bamugamba nti, "Kati jangu weegatte ku kibiina kyaffe, tujja kukuyamba mu nkuŋŋaana zo"? Mulowooza yandibawulirizza? Nedda. Omusajja ekika ekyo, ssiraba bw'ayinza kukola kintu kya ngeri eyo. Nedda.

102 Yali atumiddwa Katonda. Yali teyetaaga kubeegattako kukola nabo. Yalina Ekigambo kya Katonda, amafuta ga Katonda, mu kiseera kya Katonda ekituufu. Yali ajjira mu BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Uh-huh. Oyo ye nnabbi omutuufu. Bw'atyo bw'atambula. Tatambula na kintu kirala kyonna okuggyako BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA.

103 Ddala ekibuga kino Samaliya ekirimu ebintu amatiribona, ne Isiraeri eno abeetwala, okuba abayivu ennyo, n'ababuulizi bano abakenkufu ne bakabona, banaasembeza akasajja kano, akatalina kye kali? Oba oli awo enkozesa ye ey'olulimi teyali nnungi n'akatono. Yava mu maka amaavu eyo mu ddungu. Yava ewaka, Katonda bwe yamuyita, n'agenda mu ddungu okwekenneenya Katonda n'Ekigambo Kye, n'afuuka nnabbi. Bw'atyo Mukama bwe yamuzaala.

104 Bannabbi bazaalibwa, omubaka ow'omulembe, Katonda, olw'okumanyirawo kwe okw'ebintu nga tebinnabaawo, bw'amanya omulembe n'ategeka omubaka We eyo ow'okuvumirira ekibi mu mulembe.

105 Ddala ekibuga ekyo ekyali kijjudde ebintu amatiribona kyali kisobola okumusembeza? Mulowooza abakazi abo baali basobola okuwuliriza by'ayogera? Mulowooza bakabona abo baali basobola okumuwuliriza? Batya, nedda, ssebo. Teyalina bbaluwa yonna emusemba, okuva mu kibiina kyonna. Yali tayinza kugamba, nti, "Abafalisaayo be bantumye." Newankubadde okugamba nti Abasaddukaayo be baamutuma. Teyalina biwandiiko byonna bimwogerako. Teyalina kaadi yonna eraga kibinja ki eky'abantu b'akuŋŋaana nabo. Teyalina na muteesiteesi yamukulemberamu kumuteekateekera nkuŋŋaana ze. Tewaaliwo Bafalisaayo bonna baakola lukiiko lwa wamu na—na kutegeka kyankya ky'abaweereza, kukakasa nti buli kimu kitegekeddwa, okwetegekera olukkuŋŋaana lwe, nga baakitegeerako nti ajja. Baali tebamumanyi. Teyalina kaadi eraga kibiina ky'akuŋŋaana nakyo. Teyalina biwandiiko bimwogerako. Teyalina bbaluwa emusemba okuva eri abantu.

106 Naye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Bw'atyo nnabbi omutuufu bw'abeera. Yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Bw'aba yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, kyawukana nnyo ku nteekateeka zaffe ez'obuntu ze tulina wano. Kye kyokka kye yali yetaaga. Bw'ajja mu ngeri *eno*, aba azze mu linnya lya kkanisa. Bw'ava ku ludda luno eno, ajjira mu Linnya lya Mukama. N'olwekyo, nnabbi omutuufu bulijjo ajjira mu ngeri y'Erinnya lya Mukama. Bulijjo, ajjira mu Linnya lya Mukama.

107 Kaakati, yali tayinza kulaga kaadi ya kibiina ky'akuŋŋaana nakyo, naye ya—yalina Ekigambo kya Katonda. Era ekyo Katonda kye yali aweerezza eri abantu. Kati, abantu baali beekolera ebibiina eby'obuntu. Baalina obubondo obw'enjawulo, era ekyo abantu kye baali bakoze. Naye Amosi teyabulina. Ye yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA yekka. Ky'ekyo kye yalina.

108 Nkubamu akafaananyi nga bakabona abo, buli ku makya, babeeranga n'okusaba, okutonotono ku ssabbiiti ku makya, n'ebirala bye baakolanga, ne bawongayo abaana, oluvannyuma ne—ne baddayo. Ne babaako ebitonotono bye boogera ku Musa, eyaliwo mu kiseera ekimu, n'omuntu omulala eyaliwo mu kiseera ekimu. "Naye, ha, ennaku z'abo kati zaayita. Mmwe bantu mmwe pulezidenti waffe omupya mumumanyi, ne gavumenti yaffe empya n'abalala bonna," ne babaako ebintu ebitonotono bye boogerako olumala nga beddirayo eka.

109 Naye ne wajja omusajja eyali tafaayo ku ebyo. Yajja ne BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? Nnabbi bw'atyo bw'abeera. Teyalina wa kukolagana naye, yategeera kye yali ayolekedde, yakimanya nti buli kimu kijja kumuwakanya, yakimanya nti bajja kumugaana, bajja kumwesamba. Naye yali ajjira mu Linnya lya Mukama.

110 Yesu yakimanya nti yali ayolekedde Kalivaaliyo, naye Yajjira mu Linnya lya Mukama. Mukiraba? Nnabbi omutuufu bw'atyo bw'abeera.

111 Yalina Ekigambo kya Mukama eri eggwanga. Naye Ekigambo kya Mukama eky'amazima kyali kigwiira eri abantu abo. Nga ate, baali balowooza nti bakirina. Nsuubira nga kino kinnyikira munda ddala mu buziba. Baalowooza baali banyiikivu nnyo era bannaddiini nnyo, okutuusa Ekigambo kya Katonda kyennyini bwe kyalabika nga ekigwiira gye bali.

112 Bwe kityo bwe kiri ne leero. Ekigambo kya Katonda eky'amazima ekirabisiddwa kigwiira eri bangi ku Bapentekoote. Okuvvuunulwa kwennyini okw'Ekigambo, ebiwoobe byennyini, n'ebikolimo, emikisa gyennyini egya Katonda kintu kigwiira eri abantu bangi abeeyita abatukuvu, ba mmemba b'ekkanisa, Abakristaayo. Kintu ekigwiira gye bali. Tebakimanyi. Ggwe Kibagambeko. "Ekyo sikiwulirangako." Kyokka, nga, ebibiina byabwe byeyongera kukula na kukulaakulana, byeyongera kugejja mu miwendo gya bammemba buli kiseera, n'ebibiina ebirala okweyongera buli mwaka.

113 Baali balowooza nti buli kintu ekijja gye bali kirina kuva mu bubondo bwabwe obwo. Amazima baali tebasobola kumukkiriza. Ne leero tebayinza. Baali beerabira dda, nti, "Katonda okuva mu mayinja gano asobola okuyimusaamu bannabbi ab'amazima eri Katonda." Katonda asobola, okubaggya mu bannakyalo ab'omu bibira. Asobola okuyimusa, okuva mu mayinja gano, abasajja abanaayimirira ku lw'Ekigambo Kye, ne balagula Amazima, mu Linnya Lye. "Ne bateeka embazzi ku kikolo ky'omuti." Obubajjo ne bunoonya gye bugwa. Sifaayo oba alina abanaakolagana naye oba nedda. Naye nnabbi omutuufu bw'atyo bw'abeera.

114 Abantu abamu balowooza nti byonna bimubeerera byangu. Kye boogerako tebakimanyi. Bwe yali ajja mu tawuni teyajjira mu kigaali, ekisikibwa embalaasi ze batonyetonye, n'amatandiiko, ag'amatiribona, nga bakabona abakulu bayimiridde awo, bambadde ebintu ebiwanvu ku mitwe gyabwe, bamuvunnamira bwe bagamba nti, "Ow'ekitiibwa Dokita *Gundi* ajja." Eyo yandibadde nkola ya kibiina kya buntu.

115 Kiringa Kabaka waabwe bonna bwe yajja, Yajja, nga, yayita mu mmanvu mu kigango, mu kiraalo ky'ente. Teyajjira mu bintu amatiribona eby'ekitiibwa, naye Yajjira mu bwetowaze nga omwana omuwere n'azaalibwa mu kigango. Amosi teyajja . . . Ekigambo kya Mukama; kubanga ye *yali* Ekigambo kya Mukama. Ekigambo kya Katonda kyonna, taba muntu; wabula aba Katonda.

Yesu yagamba nti, "Si Nze nkola emirimu."

Baamugamba nti, "Oli Muntu, naye Weefuula Katonda."

116 N'abagamba nti, "Kale bwe mba Ssikola mirimu gya Katonda, temunzikiriza. Naye emirimu bwe giba gyeyogerera, kale mukkirize emirimu, Nze bwe muba temwagala kunzikiriza."

117 Amosi yali Kigambo kya Katonda ekyali kitambula mu kkubo. Yajja, mu ngeri etali nnongooseemu, si mu misono gy'ensi. Yajjira mu maanyi ga Mwoyo.

118 Bwe kityo Ekigambo kya Katonda bwe kijja. Tekijjira mu kikwate kya kibiina kya buntu, tekijjira mu ngajaba eri mu kituuti; naye Kijjira mu maanyi ag'Omwoyo, okwolesa Katonda eri eggwanga n'eri abantu. Waliwo enjawulo. Nga njawulo ennene ennyo!

119 Kaakati, kino kiraga nti, baali beerabira dda, nti Katonda mu mayinja gano asobola okuyimusaamu bannabbi ab'amazima. Tebaalina . . . Ekibiina kyabwe kyali tekyetaaga kuyimusa nnabbi mutuufu, kubanga weesanga kyali tekisobola kukikola. Kubanga, singa kyali kisobola okukikola, yandibadde nnabbi ow'ekibiina eky'obuntu.

120 Naye, Katonda y'ayimusa! Katonda atwala yenna gw'Ayagadde okutwala. Bulijjo, Atwala oyo atalina ky'ali, okukola omulimu Gwe; ekyo kiraga nti oyo aba Katonda. Omuntu bwe yeegulumiza, ne yeerowooza nti alina ky'ali, oyo Katonda tayinza kumukozesa, kubanga aba yeemanyi nga bw'ali ow'amaanyi.

121 Ogwo gwe mutawaana oguli ku kkanisa y'Abakristaayo ensangi zino. Balowooza balina kye bamanyi. Bayibuli egamba nti, "Omuntu bw'alowooza nti alina ky'amanyi, aba talina ky'amanyi ku ebyo by'alina okuba nga amanyi." Omutawaana gwe tulina ensangi zino, twemanyi ekisusse nti tumanyi, tulina obunnanfuusi bungi nnyo, obuyigirize bungi nnyo, eddiini nnyingi nnyo, naye tetulina kye tumanyi ku bulokozi obuva mu Kigambo kya Katonda. Ekyo kye kisinga okwennyamiza. Weewaawo.

122 Baali beerabira, nti, "Katonda yali asobola mu mayinja gano okuyimusizaamu Ibulayimu abaana, oba okuyimusaamu bannabbi abatuufu ab'Ekigambo."

123 Tebeetaaga kubaako ttendekero mwe bava. Katonda y'abatendeka. Tebeetaaga kusooka kufuna ddiguli nnya mu ttendekero. Tebeetaaga kusooka kufuna Ddiguli y'amasomo agatali ga Ssaayaansi, ne—ne Ddiguli ey'Okusatu n'ebirala. Tebeetaaga kusooka kufuna ebyo. Katonda atwala ekintu kyonna ky'ayagadde okutwala, n'Akiteekamu Ekigambo Kye. Akikola atya? Akyolesa era n'akikakasa.

124 Baali tebayinza kulaga seminaariyo Yesu mwe yasomera. Kubanga Teyagirina. "Yasomera mu ttendekero ki?" Teyalina ttendekero lyonna mwe yasomera. Naye Yalina ki? Yalina

Katonda, era Ye yali Ekigambo. Tewaali ttendekero lyonna lye baali bayinza kusongako.

125 Era Katonda tayimusangako muntu kuva mu ttendekero. Kebera mu byafaayo olabe oba nga Yali akikoze. Takikola. Aggya ekintu okuva awantu awamu eyo, ekitaliimu kantu konna, ekitaliimu ssuubi. N'akireeta n'akiteekamu Ekigambo Kye, ne Yeeyoleka n'alabisibwa. Ky'ekyo kye Yali akola wano mu Amosi. Kale.

126 Kati, Ekigambo kya Amosi Katonda yakikakasa, mu biro ebyo, mu biro byabwe byennyini. Okuk-. . . Katonda yakakasa Ekigambo kya Amosi okuba, nti ye, yalina Ekigambo kya Mukama.

127 Naye ssinga ajja gye tuli, mu kaseera kano kennyini, mulowooza eggwanga lyaffe n'abantu baffe basobola okusembeza omuntu bw'atyo? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Mulowooza Ababaputisiti bandisobodde okusembeza Amosi? ["Nedda."] Abamesodisiti? ["Nedda."] Abapulesibeteriyani? ["Nedda."] Abapentekoote? ["Nedda."] Abakatuliki? ["Nedda."] Nedda, ssebo. Nedda. Ddala tayinza kusembezebwa.

128 Leka, katono nnyo, tumusitule tumuleete wano, okumala akaseera akatono, tulabe oba bandimusembezza oba nedda. Leka tulabe oba ya . . . oba amakanisa gaffe gandimusembezza leero oba nedda.

129 Ekintu ekisooka kye yandikoze, yandiwakanyizza buli kibiina eky'obuntu, kubanga bikontana n'Ekigambo. Um-hum, uh-huh, yee, ssebo. Yandivumiridde enkola yaffe yonna. Bwe kiri. Buli njigiriza, buli kikwate kya nzikiriza, buli kibiina kya ddiini, byonna byonna yandibivumiridde.

Nkubamu akafaananyi, nga ndaba akamu ku bukiiko bw'abakadde ba Abapentekoote nga kagamba nti, "Abaffe, ekitiibwa kibe eri Katonda! Bw'aba . . . Ddala, omusajja oyo tetumwetaaga mu kibuga kyaffe."

130 Ate Abapulesebeteriyani n'Ababaputisiti mulowooza bandikoze ki? "Ddala, oyo atategeera, tetumwetaaga na mu ggwanga lyaffe. Talina ky'ali wabula a—ali awo muzoole." Basobola n'okuteeka emikono ku mpapula bamuteeke mu kkomera, singa baba basobola, bamujje ku nguudo.

131 Naye mulowooza musobola okumusiba n'abeerayo? Ha, nedda. Tosobola kuggalira Kigambo. Nedda, nedda. Mu buli ngeri, Kijja kuvaayo. Emitayimbwa gy'ekkomera gyeggulako lumu ekiro, bwe baagezaako okukiggalira. Ekitangaala kyajja ne kimufulumyayo.

132 Nedda, mu buli ngeri ya—yaandiwakanyizza enkola yaffe. Kale. Yanditandise na kukola ki? Kugiyuzayuza. Lwaki? Muweereza wa Katonda. Yandiddiddeyo ddala eri ku Musingi

n'atandika okuyigiriza kwe, eri ddala awasooka, n'ayuzayuza buli kikwate kya nzikiriza n'akiggyako, n'addayo ku Musingi. Omusingi kye kiki? Ku Kigambo kya Katonda. Bwe kiri. "Eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ebigambo Byange tebiriggwaawo." N'olwekyo yandiyuzizza buli kibiina kya ddiini kyonna, na buli kikwate kya nzikiriza, na buli njigiriza, n'abiggyako, n'abikasuka erudda n'erudda, yandibisaanyizzaawo okutuukira ddala mu Butaggwaawo.

133 Mulowooza Abapentekoote bandimusembezza? Nedda, ssebo. Ababaputisiti? Abapulesibeteriyani? Nedda, ssebo. Abanazaliini? Aba Pilgrim Holiness? Bandimukyaye. Mazima ddala. Mulowooza bandigenze okumwaniriza mu—mmotoka ey'ekika kya limoziini, bamuleete mu kibuga? Bandisabye omusana gumwokere waggulu eyo gye yali. Banditaddewo emisanvu, okumuziyiza okuyingira mu kibuga. Mbakakasa, wandibaddewo enkuŋŋaana z'abaweereza empitirivu okwetoloola buli wamu wonna, mu kibuga, okusinga ze mwali mulabye. "Temugeza ne mukkiriza omuzoole oyo okuyingira ekibuga kino."

134 Naye, ate, yalina BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Mukiraba? Nnabbi omutuufu ebyo by'ayitamu. Aba wa kunyoomebwa. Mazima ddala. Aba wa kuddirayo ddala ku Musingi, nga gwe mulamwa gw'enkuŋŋaana ze. Aba tajja kwetaaga. Aba tajja kugamba mbu nti, "Kaakati, njagala Abamesodisiti mwenna mujje munnyambeko. Njagala mmwe Ababaputisiti. Njagala abantu mwenna abali wano. Mmwe mwenna Abapentekoote, mugamba nti mmwe kibinja ekisembayo Katonda ky'agenda okuyita, mwenna njagala mujje gye ndi, era njagala muwagire enkuŋŋaana zange."

135 "Obatiza otya? Bukakafu ki obusookerwako obulaga nti omuntu afunye Omwoyo Omutukuvu?" Ebibuuzo ebyo, biba bya kumusoyebwa. Ate bw'abyanukula n'Amazima ga Bayibuli, baba bajja kumwabulira. Naye nnabbi omutuufu ebyo by'ayitamu. Ebyo byonna abeera alina okubyeŋŋanga. Mukiraba? Mazima ddala.

136 Tetwandimusembezza. Nedda, ssebo. E—e... Tetwandibadde nazo. Tetwandimukkirizza kubaako lukuŋŋaana n'olumu lw'akuba mu—mu ggwanga lyaffe. Nedda, n'akatono. Kale, tetwandimukkirizza. Nedda, ssebo. Naye yandizze n'azzaayo Ekkanisa ku Kigambo, kubanga Ogwo gwe Musingi. "Omuntu yenna bw'azimba ku musingi omulala gwonna, ogwo guba musenyu ogukka. Ku musingi *guno* gwokka, Katonda kw'azimba Ekkanisa Ye, ku Njigiriza y'abatume."

137 Nga bwe nnali njogera luli; waliwo eyali ayogera ku—ku puligaatooli, n'abaako bangi be yajulizaako nga Omutukuvu Francis ne Omutukuvu Cecilia, nga agamba nga bw'alina abantu be yasabira, ne bava mu puligaatooli, era nga aboogerako

nga bwe balina obuyinza obwenkanidde awo. Obwo obuyinza tebuli mu Byawandiikibwa. Abo bantu abatalina buyinza yadde obw'engeri yonna. Abatume be baalina obuyinza obuva mu Byawandiikibwa. Kale bwe buba bukontana n'obwabwe, buba bulimba, nze nga bwe mmanyi.

138 Nzikiririza mu puligaatooli, naye nzikiriza nti we twogerera weeri egenda mu maaso. Ggwe olongoosa emmeeme yo ggwe kennyini. *Puligaatooli* kitegeeza "kulongoosa." Bw'okiraba nti olina ekikyamu ky'okoze, kiveemu weerongoose okyeggyemu, okuyita mu kwatula, n'okukaaba, n'okusiiba, n'okusaba.

139 Waliwo omu eyansekerera n'okunsekerera Mukama bwe yajja wano ebbanga si ddene eriyise n'ampa okwolesebwa. Nnayagalanga nnyo okulaba engeri y'okusibamu omusota ogwo. Nnabeeranga nneewuunya bwe kikolebwa. Nveeyo buvi bwe nti. Kale, ekyo kye nnali njagala, obulamu bwange bwonna. Kye nnava ntandika okusiiba ne nsaba. N'ambuuza nti, "Ekyo okola kya ki?"

140 Ne mmugamba nti, "Munda mu nze, Yaŋŋamba siri mwesimbu kimala." Oluvannyuma bwe Yajja, ne njagala okwerongoosa. Si kulinda n'omala okufa, ne wabaawo kabona mbu n'ajja okukulongoosa. Mulongoose emmeeme zammwe!

141 Naye, mulaba, baakiggya mu Kigambo ekirina obuyinza, ne bakiteeka mu mikono gy'ekigunje ekyayiyizibwa abantu, okuleeta ssente mu kkereziya, kubanga batunuulira bintu bya nsi, kubeera kkanisa ya nsi, kubeera na maanyi ag'ekitalo mu nsi, na kubeera na maanyi ga byabufuzi. Naye Katonda atunuulira Kigambo Kye. Era ekigambo kyonna ekikontana n'Ekigambo kya Katonda kiba kikyamu. Nze nga bwe mmanyi, kirina kuba Kigambo kyokka tewali kirala. Yee, ssebo. Yee, ssebo.

142 Abeera ajja kuddirayo ddala ku Musingi. Ekintu kyonna aba ajja kukiyuzayuza. Aba alina okukikola. Tayinza kukola kintu kirala kyonna, Amosi singa abadde wano leero. Tayinza kukola kintu kirala kyonna, kubanga, jjukira nti, ye nnabbi wa Katonda, oyo Ekigambo gwe kijjira. Tayinza kukola kintu kirala kyonna okuggyako okuddayo eri Ekigambo. Abapentekoote bonna ab'omu ggwanga ne bwe bandimwetayiridde, ne bamugamba nti, "Ssebo, Amosi, tukkiriza nti oli nnabbi, naye ovudde ku Kigambo. Twagala kukutereeza." Yandisigadde n'Ekigambo. Tewali kirala kyonna kye yandikoze, kubanga nnabbi. Yali tabeetaaga kukolagana naye. Alina Obubaka obw'okubuulira. "Era abo bonna Kitange be yampa bajja kujja gye ndi." N'olwekyo agenda kubuulira Ekigambo, era agenda kukibuulira nga bwe kiri mu Bayibuli, era olw'ensonga eyo twandimusambazze. Bwe kiri.

143 Ne bwe Kyandibadde kiki, Ekigambo kya Katonda kijja eri bannabbi, okuvvuunulwa kwabwe okw'Ekigambo,

okuvvuunulwa okutuufu.

144 Isiraeri buli mulundi baawabanga, Katonda n'abasindikira nnabbi nga alina obubonero n'ebyewunyisa, okuvvuunula Ekigambo ekyo. Era yamanyanga atya? Yagamba nti, "Nnabbi ono bw'ayogera, by'ayogedde ne bituukirira, kitegeeza bituufu." Yakakasanga bannabbi Be, nti batuufu.

145 Yesu yagamba nti, "Oyo anzikiriza Nze, emirimu gye Nkola naye aligikola. Ku kino kwe munaategeerera. Obubonero buno bunaagobereranga abo abakkiriza."

146 Kati bayinza batya okweyita nnabbi wa Mukama ate ne basambajja Ekigambo kya Katonda kyennyini? Omuntu ayinza atya okubatiza mu linnya lya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," nga akozesa ebitiibwa obutiibwa, n'asambajja Erinnya lyennyini erya Yesu Kristo, nga mu Bayibuli temuli Kyawandiikibwa yadde ekimu bwe kiti ekiwagira endowooza ye? Nnandiba omukalubo era avumirira, naye kye kiseera okukola bwe ntyo. Ago ge Mazima.

147 Abantu bayinza batya okweyita Abakristaayo leero, ne bamala gatwalirizibwa buli kimu, abakazi ne basalako enviiri, ne bambala ebinu, ne banywa sigala, ne bagenda okulaba zi firimu, firimu encaafu eza buli ngeri, n'okwejeeguula? Mwagala kuŋŋamba nti oyo ye Mwoyo Omutukuvu? Temugezanga okukiŋŋamba. Mmwe, muleetera Katonda okuwulira obubi munda mu Ye, bwe kiba kisoboka okukola ekintu eky'engeri eyo. Weewaawo. Nkakasa mutegeera kye ŋŋamba. Bwe mweyita ekyo, nga mukola ebintu nga ebyo, wayinza watya okubaawo ekintu eky'engeri eyo? "Mulibamanyira ku bibala byabwe."

148 Yandivumiridde era n'anenya buli mukazi alina enviiri ensale. Ayinza atya okukola ekyawukana n'ekyo? Ye nnabbi. Era ekyo Ekigambo kye kigamba. Yandigambye nti, "Ba Yezebbeeri, mmwe!" Yandibagugumbudde. Lwaki? Kubanga nnabbi. Ateekwa kunywerera ku Kigambo. Bwe kiri. Mulowooza bandirekedde awo okubikola? Nedda, ssebo. Bandigambye nti, "Oyo muzoole. Mubi nga Pawulo ow'edda, ow'omu Bayibuli bwe yali, eyali akyawa abakazi."

149 "Mmwe, ekibinja ky'abafere, abeerimbika mu kubeera Abakristaayo. Ne bwogezaako otya okutambulira mu bulamu obutukuvu, ekyo tekirina kakwate nakyo yadde. Kasita osambajja Ekigambo kya Katonda n'otakola kye Kigamba, oli mwonoonyi, oli mutakkiriza," bw'atyo bwe yandigambye. Teyandi. . . Yanditadde, embazzi yandigiteeredde ddala ku kikolo ky'omuti. Teyanditalizza kintu kyonna. Kubanga nnabbi, ate nnabbi omutuufu bw'atyo bw'abeera. Anywerera ku Kigambo ekyo nga tattidde ku liiso muntu yenna. Ne bw'abeera maama we oba taata we, tekirina kye kikyusa. Bw'atyo Yesu bwe yakola. Yagaana n'okumuyita maama we; teyali maama we.

Yesu yali Katonda. Katonda talina maama. Bandimubuuzizza, nti kati taata We y'ani? Uh-huh, uh-huh.

150 Yandibivumiridde era n'abinenya. Yandivumiridde buli kibiina kya ddiini, kubanga tewali n'ekimu ku byo ekizimbiddwa ku Kigambo. Sirina n'ekimu kye mmanyi. Era oluba okwekolamu ekibiina ky'eddiini bati, batandikirawo okulwanyisa Ekigambo kya Katonda mu kaseera ako kennyini. Kati ayinza atya. . .nnabbi ayinza atya okuwa omukisa ekintu Ekigambo kye kivumirira? Naye, abeera tayagala kukikola, kulumya muganda we, naye ate nga ateekwa okukikola kubanga nnabbi. Era y'abeera akiikirira Ekigambo kya Katonda eky'amazima, n'olwekyo tewali ngeri yonna, gy'ayinza kuseeseetuka kukivaako; akyogera kiragiro ku kiragiro, lunyiriri ku lunyiriri. Mulaba kye ntegeeza? Nnabbi omutuufu nga bw'abeera.

151 Bameka abagamba nti, "Mukama, ssinga Onfuula nnabbi"? Ekyo takikola. Nedda. Ekyo takikola.

152 Yandivumiridde buli kikolwa eky'obugwenyufu ekikolebwa mu makanisa, buno obubaga obw'okuzannya zzaala, n'ebintu bino byonna bye balina, obubaga bw'okuzannya amatatu, n'ebijjulo eby'okwesanyusaamu. Byonna byonna yandibivumiridde buli kimu ku byo. Yandibisesebbudde n'abizza mu ggeyeena gye byava.

153 Mulowooza mwandimusembezezza? Nedda. Ekkanisa ya leero teyandimusembezza. Mbu Abapentekoote bandimusembezza? Abo, yandiyingidde mu makkati gaabwe, n'abagamba nti, "Ba Yezebbeeri mmwe abaasalako enviiri, bwe muwulira BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA temumanyi kye kitegeeza? Ne mukunnumba nga mwambadde obugoye obubalabisa nga abaggyiddwaako olususu, temukimanyi nti muliko omusango ogw'okukola obwenzi buli lunaku n'ebikumi n'ebikumi by'abasajja?" Bw'atyo bwe yandigambye.

154 Mwandigambye nti, "Ebyo, bya nkola nkadde! Oyo muzeeyi omukadde ow'ekiwalaata, ekijjudde envi, mumuggyeeyo mu kituuti ekyo. Muli ludda wa, mmwe akakiiko k'abayima, n'abadiikoni, mumufulumye mumujje wano."

155 "Kale, mmwe bannanfuusi mmwe abasaasirwa." Ddala. Amosi yandibivumiridde. Bwe muva awo ne mugamba mbu, "Ye ffe. . .Ffe tuli ba kibiina *kino*. Ffe tuli ba kibiina *kiri*." Muli ba ssetaani, kitammwe, kubanga y'asambajja Ekigambo.

156 Oyinza okugamba nti, "Nnayogera mu nnimi." Ate n'osalako enviiri zo? "Ekitiibwa kibe eri Katonda! Aleruuya!" Naye Bayibuli egamba nti, "Kya—kya nsonyi—kya nsonyi nnyo, omukazi okusaba nga omutwe gwe gumwereddwa bwe gutyo." N'ova awo ne weeyita Omukristaayo. Oswadde nnyo. Weewalule mpolampola obeeko akasonda mwe weekukuma, weetereeze ne Katonda.

157 N'oyambala obugoye obwo obubi obumpi, n'ofuluma mu luggya, ne weegolola, nga okimanyi bulungi nti bw'okola bw'otyo obeera okola obwenzi n'ebikumi n'ebikumi by'abasajja buli lunaku. Yagamba, Yesu bw'atyo bwe yagamba nti, "Buli muntu atunuulira omukazi okumwakirako abeera ayenze naye." Omukazi y'ayambadde mu ngeri eyo, naawe n'okikola mu . . .

158 Naye, bw'oba, wafa eri ebintu by'ensi. Wasitulibwa waggulu w'ebyo, nga bwe nnagambye, mu ntandikwa. "Wandikyusizza omutwe gwo n'okukwatibwa ensonyi. Amaaso go gandijjudde okwennyamira olw'okulaba ekintu ekirabika obubi bwe kityo, mu kifo ky'okutunuulira abakazi okubaakirako. Mmwe abasajja abakola ekintu bwe kityo ate ne mweyita Abakristaayo." Bw'atyo bwe yandibagambye. Enkya ya leero ngezaako okukozesa Ebigambo bye yandyogedde. Ebyo by'Ebigambo bye yandyogedde. Kubanga, ye, mujjukire nti, ye nnabbi omutuufu. Yandibadde alina okunywerera ku Kigambo ekyo. Uh-huh. Nze nnokola Bigambo bye bye yandyogedde. Kye kyokka. Kubanga, singa omuleeta, ye kye Kigambo. Era, Ekigambo kiikino wano, Kyo kyennyini. Ye nga omuntu mwandiba nga temumulina, naye Ekigambo kye mukirina, kubanga yandibadde alina Kigambo kya Mukama.

159 Buli njigiriza yonna eyagunjibwa abantu, yandigivumiridde, enjigiriza nga okubatiza "mu linnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu." Yandikutte ekintu ekyo n'akikasuka mpaka eri mu Butaggwaawo. Yandikivumiridde, ne watasigalawo yadde olusu lwakyo. Yee, ssebo.

160 Bameka, ku mmwe, bameka mu kkanisa enkya ya leero abandimukkirizza ku nsonga eyo?

161 Kati waliwo, bano ab'ekibinja ky'Erinnya lya Yesu, ba—bandigambye nti, "Ha, ffe ku nsonga eyo twandimukkirizza." Kati ate ekibiina kyammwe, yandikivumiridde n'akisesebbula n'akiteeka wali. Bwe kiri. Abakazi bammwe abasalako enviiri zaabwe, nammwe ne mukigumiikiriza. Bwe kiri. Abasajja bammwe, bye bakola n'engeri gye beeyisaamu. Bwe kiri.

162 Abantu bangi bagamba nti, "Kirungi nnyo okubeera nnabbi." Weewaawo kirungi, bw'oba oli mwetegefu okutunda buli kimu kyonna eri ensi onywerere ku Katonda n'Ekigambo Kye. Hmm.

163 Nedda, tewali ngeri yonna gye twandimusembezza, ka bibeere ebibiina byaffe eby'amadiini leero. Eky'amazima tetwandibadde na kakwate konna naye.

164 Mumuwulire bw'abisesebbula. Yagamba nti, "Katonda yennyini gwe mugamba gwe mukkiririzaamu, Ajja kubazikiriza." Ekyo munaakikolera ki? Katonda yennyini Abapentekoote gwe bakkiririzaamu, okuva mu bikolwa by'ebimu eby'obugwenyufu n'ebintu bye bakola ne bye baganya okukolebwa, Katonda oyo yennyini kw'ajja okusinziira okuleeta

omusango ku bibiina ebyo. Bwe kityo bwe kiri. Kyennyini Amosi kye yabagamba.

165 Weewaawo baagamba nti, "Ha, tulina Ibulayimu. Tulina—tulina *kino*. Tulina amateeka. Tulina bakabona. Tulina bannabbi."

166 Ha, ow'oluganda, amaaso ago gaayimbaala bwe yabatunuulira, n'ayogerera waggulu Ekigambo ekyo gye bali. Yee, ssebo. Mazima ddala. Tebandimusembezza. Nedda, ssebo. Yagamba nti, "Bajja kubazikiriza n'enjigiriza zaabwe ezaagunjibwa abantu." Ne leero kye yandibagambye. Yandibagambye ekintu kye kimu kye yabagamba ku mulundi guli. Yabagamba nti, "Katonda yennyini gwe muzimbira amakanisa, oba oli awo nga musasula obukadde n'obukadde obwa ddoola, amasinzizo gennyini ge muzimbira Yakuwa, gwe mugamba gwe mwagala, Katonda oyo yennyini ajja kubazikiriza kubanga mugaanye Ekigambo Kye."

167 Bwe kityo bwe kiri ne leero! Katonda yennyini Amerika gw'egamba gw'eweereza ajja kuleeta omusango ku ggwanga lino alizikirize. Ka nsuubire nti ekyo kinnyikidde ddala mu buziba nti tekiribava mu ndowooza zammwe. Oyo yennyini gwe mugamba gwe mwagala, n'ebiyiiye byammwe eby'enzikiriza ezaagunjibwa abantu, n'obulamu obw'obuseegu era obuvundu bwe mutambuliramu, nga mwava ku Kigambo kya Katonda, lumu alibazikiriza. Ekyo kiri BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA. Tebalina kirala kye balindiridde.

168 Mutereere n'Ekigambo kya Katonda! Mubabuulire Enjiri; mutalaage eggwanga lyonna; mubabuulire Amazima. Abaweereza bawakana ne baleekaana, ne bakola buli kimu kyonna. Abantu ne bakuvumirira. Ebibiina by'amadiini ne bikugoba. Abakazi ne banyeenya emitwe gyabwe, ne bagaanira ddala, okuleka nviiri zaabwe zikule. Ne bagenda mu maaso n'okwambala engoye zaabwe mu ngeri y'emu, mwaka ku mwaka. N'obeera nga ayiwa amazzi ku mugongo gw'embaata. "Bwe muva awo ne mugamba mbu mwagala Katonda?"

169 Yagamba, Yesu yagamba nti, "Mukutte obulombolombo bwammwe ne mufuula Ebiragiro bya Katonda ebitalina maanyi."

170 Nnabbi omutuufu ebyo by'ayitamu. Mukiraba? Tebibeera byangu. Tebiri nga buli muntu bw'abirowooza okuba.

171 Bw'obeera mu kubuukabuuuka n'okuleekaana, nga buli omu bw'akusiisitiriza ku kibegabega, ako kabonero akalaga nti toli nnabbi mutuufu. Ako ke kamu ku bubonero bwennyini obulaga nti ky'oyogerako tokirina.

172 Ddi lwe baali bamusiisitirizza ku mabega, okuggyako nga balina ebigendererwa byabwe ebikusike? Kiki? Yandibakyukidde n'abavumirira. Bwe kiri. Amosi baali tebasobola kumusiisiitira ku mabega. Eriya baali tebasobola

kumusiisiitira ku mabega. Yali tayinza kugumiikiriza bintu bya ngeri eyo. Nedda, ssebo. Yababuulira Amazima ga Katonda. Era Eggulu bwe liba lya kitiibwa obwenkanidde awo, era nga gye tugenda, kati bwe tuba tetusobola kugondera buntu obwangu ennyo obusookerwako, tuliyinza tutya okukkaanya n'Omwoyo ali mu Ggulu? Alina okutambula n'Ekigambo. Bw'atyo nnabbi omutuufu bw'abeera. Ekigambo ne bwe kimuyuzaayuza obulere, okukyogera, ddala, eggwanga abeera alina okuliyuzaayuza obulere, n'Ekigambo. Bwe kiri. Naye ky'alina okukola.

173 Abeera wa kulisesebbula. Ha, bannange! Mumanyi kye yabagamba? "Oluyoogaano," bwe mwetegereza wano, yagamba nti, "teruli mu gavumenti yammwe, luli mu mmwe." Bw'atyo bwe yagamba. Weewaawo. "Enjoogaano mu kkanisa, ekifaananyi kyammwe eky'okutya Katonda, kye kyavaako omutawaana."

174 Ensonga lwaki leero obwannakalyak'ani bugenda busaasaana buli wamu wonna mu ggwanga, si lwa kuba bwannakalyak'ani. Busaasaana lwa kkanisa. Busaasaana lwa bantu. Leero beeyita Bakristaayo. Bayimba nga Bamalayika. N'amaloboozi amatendeke, ne boogera mu ngeri esikiriza, gy'oli nti Bassabamalayika; naye ne bagaana okukkiriza Ekigambo kya Katonda, nga emizimu. Bwe kiri. Bayimba nga Ssabamalayika, ne bambala nga oba ŋŋambe ki, naye ne basambajja Ekigambo kya Katonda.

175 Omusajja, omubuulizi mu kituuti, ayimirira awo n'ayitibwa Dokita, Levirandi, naye n'omubuuza nti, "Bayibuli egamba kubatiza mu 'Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo,' oba, mu 'Kitaffe, Mwana, Mwoyo Omutukuvu'?" N'akuŋŋoola n'atwala, "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu." Naawe ne weeyita omwana wa Katonda?

176 Abakazi abakimanyi nti Bayibuli erina ebintu by'ebagaana, nga okukomola enviiri zaabwe, n'okweyisa nga ensi, n'okwambala engoye ez'obuseegu n'ebiringa ebyo, naye era mu buli ngeri, bajja kugenda mu maaso nga bakikola; boogere mu nnimi, babuukebuuke, baleekaane, babeere n'ebibiina by'abakyala abakulu, bakole ebibiina by'obwegassi eby'okutunga engoye, basindike n'abaminsani okugenda okubuulira enjiri. Bifuuse ekivundu mu maaso ga Katonda. Era, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, ekintu kyonna ajja kuzikiriza. Ajja kukikola.

177 Si kintu kyangu, naye ky'ekyo nnabbi omutuufu ky'alina okukola. Ayasanguza Ekigambo ekyo gye bali, n'akyogera si nsonga oba Kibalumya oba nedda.

178 Yokaana yali nnabbi omutuufu. N'agamba nti, "Embazzi eteekeeddwa ku kikolo ky'omuti." Bwe batyo bwe babeera. Mazima ddala.

179 Ekkanisa y'eriko obuzibu. Bayimba nga Bamalayika, bwe bafuluma wabweru eyo ne bazina nga emizimu, ne bagenda mu ndongo, ne beejeeguula, ne bazannya matatu, n'okulaba empaka za buli kimu. Abapentekoote, ne bagenda mu bifo ebisanyukirwamu, be bajjudde mu bibanda bya firimu. Buli kifo, buli muzannyo ogutaliimu nsa oba ekintu ekirala kyonna, ne bagenda ne babyetabamu, empaka z'okusindana n'ebirala byonna, bwe bava awo ne beeyita Abakristaayo, ne bajja ne baleekaana, ne boogera mu nnimi, ne banaazagana ebigere ne balya n'okusembera.

180 Lwaki, kiri—kiri, "Nga embwa bw'eddira ebisesemye byayo," bw'atyo nnabbi bwe yagamba, "nabo bwe bakola." Ekintu ekyo bwe kiba kyali kya nsi, nga kyalina okukuggyibwamu, lwaki ate okiddira? Bwe kiri. N'obasanga wabweru eyo ku nguudo, nga bazina twisiti, bwe batyo bwe bagayita, bazina rock-and-roll, enviiri bazikomodde, nga bambadde ebinu. O, bannange! Nabo ne beeyita Abakristaayo. Osobola . . . Nedda, ekyo leka nneme kukyogera.

181 Y'ensonga lwaki mbivumirira. Bwe mba wa kunywerera ku Kigambo *kino*, Ekigambo kino bwe kijja gye ndi, nja kunywerera ku Kigambo kino. Kino kye kijja gye ndi, Kigambo. Mbivumirire!

182 Ne bagamba mbu bakulemberwa Mwoyo Mutukuvu, naye ne bakola ebintu nga ebyo. Osobola okukikkiriza nti omukazi, agamba okuba nti akulemberwa Mwoyo Mutukuvu, asobola okukkiriza enviiri ze okuzisala, nga Omwoyo Omutukuvu yennyini akivumirira? Olwo Omwoyo Omutukuvu aba Muntu wa ngeri ki? Osobola okukikkiriza?

183 Osobola okukikkiriza nti omubuulizi asobola okuyimirira mu kituuti, ne wabaawo omuntu yenna n'amusoomooza amulageyo ekifo kimu kyokka omuntu we yali abatiziddwa nga bakozesa ebitiibwa bya "Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu," naye n'akuŋŋoola n'akuyita omuzoole, olw'okubatiza mu Linnya lya Yesu Kristo, n'agamba aluŋŋamizibwa Mwoyo, era n'agamba mbu alina Omwoyo Omutukuvu? Omwoyo Omutukuvu asobola okwegaana Ekigambo Kye? Nedda, ssebo. Uh-huh. Mukiraba? Ka nsuubire mukitegeera.

184 Simanyi kiseera kye nsigazizza. Okubwatuka okuddako kwanditwala obulamu bwange. Naye, okutuusa lwe kunaabaawo, ŋŋenda kunywerera ku Kigambo. Bwe ndibasisinkana emitala eri mu kusala Omusango, ndiba nnyimiridde ku Kigambo ekyo kyennyini. Ekyo kye nzikiriza okuba Amazima.

185 Nedda, toyinza kukola bintu nga ebyo, n'obeera nga olina Omwoyo Omutukuvu. Lumu nnina omukyala w'omuweereza

gwe nnasisinkana, nga atudde ayambadde akagoye, akalabika obubi okukamala.

Muyinza okuŋŋamba nti, “Tokkirizibwa kubyogerako.”

186 Nzikirizibwa okubyogerako. Ekyo ky’Ekigambo. Nnina okukibuulira kyonna. Mmwe ebintu ebyo mubyebalama, mmwe ababuulizi bangi abatiitiizi, kubanga tebalina buvum-. . . Wandiba nga n’okusooka kwa byonna, tewayitibwa na kubuulira. Weewaawo. Naye omuweereza wa Katonda omutuufu ajja kunywerera ku Kigambo ekyo. Bwe kiri.

187 Mukyala w’omuweereza n’atuula awo, nga yenna yeekunizza mu kateeteeyi, ayambadde empeta z’oku matu, yenna yeetonyetonye, n’enviiri yazikomola. Nga, byonna Katonda abivumirira nti si birongoofu. N’ova awo n’ogamba mbu olina Omwoyo Omutukuvu?

188 Nnali mbuulira wano mu Phoenix, ebbanga si ddene eriyise, ku kintu ekifaananako bwe kityo, nga waliwo mukyala w’omuweereza atudde awo ku kituuti, n’enviiri enkomole ezikoleddwa mu musono gw’abalenzi nga zonna zijjudde amayengo, nga ayambadde akateeteeyi akatasobola na kubikka bulungi kagoye ke ak’omunda. Nga tasobola na kukutama kukwata ku maviivi ge. Nga kakoma nga mu yiinci nnya oba ttaano waggulu w’amaviivi ge, nga ali awo; abuukabuuka, bw’akulembera ennyimba. Nnakivumirira ne nkisesebbula n’amaanyi gange gonna. Weewaawo, taliddamu kumpita. Sisuubira kuddamu kumpita. Naye waakiri amanyi ekituufu n’ekikyamu. Bwe ndiyimirira mu kusala Omusango, kiriba tekikyali mu mikono gyange. Bwe muva awo ne mugenda mugamba mbu. . .

189 Waliwo omusajja, gwe bayita omuyigiriza, sigamba nti si ky’ali, alina kye yayogera jjuuzi, mu maaso g’abamu ku mikwano gyange mu kibuga ekimu gye nnali mbadde. Ow’oluganda oyo mumumanyi. Ow’oluganda ono yajja. N’agamba, nti, n’agamba nti, “Ow’oluganda Branham twali tumukyazizzaako wano.” Mu kibuga ekimu, eyo mu Bugwanjuba. Omusajja ono kye yava agamba nti, “O, Ow’oluganda Branham musajja mulungi.” Mukiraba? Yali mwegendereza ekimala obutamala gasiiga muntu nziro. N’agamba nti, “Ow’oluganda Branham, naye temugeza okuwuliriza entambi ze, kubanga zijja kubatabula.”

190 Naye waaliwo omu ku mikwano gyange eyali ayimiridde awo, kye yava amugamba nti, “Lindako katono, ssebo! Nze nnali nnatabulwatabulwa okutuusa lwe *nnawuliriza* entambi.” Weewaawo. Eyo y’enjawulo. “Nnali sitegeera ngeri Katonda omutukuvu gy’ayinza kugumiikiriza bintu nga ebyo, mwenna bye mukola.” Weewaawo.

191 Era omuntu y’omu, alina omulala gwe yali naye, n’abaakao ekifo ekimu gye yayimirira gye buvuddeko, n’agamba nti, “Ow’oluganda Branham nnabbi. Asobola okutegeera ebintu.

N'ebintu nga. . . Naye," n'agamba nti, "kati, temugeza okuwuliriza Enjigiriza ye, kubanga si mutuufu." Teebereza enjogera ey'obutabufu bw'omutwe, etalina makulu nga eyo!

192 Temukimanyi nti bwe kiba nga. . . Siri nnabbi. Naye Ekigambo kya Katonda bwe kiba kya mazima, kijja eri nnabbi. "Ekigambo kya Mukama kyajjanga eri bannabbi." Be baataputanga Ekigambo. Kati, mukiraba, te. . .

193 Tekikola na makulu, okwekweka obwekwesi emabega w'akabiina k'eddiini akataliimu makulu, olumu ku nnaku ezo kalisesebbuka ne kakunkumuka, ne kazikiririra mu ggeyeena.

194 Naye Ekigambo kya Katonda kiribeerera emirembe n'emirembe. Ku Lwazi olwo kwe nzimba essuubi lyange emirembe n'emirembe, ku Kigambo kya Mukama. Ebirala byonna leka bibbire. Mikwano gyange bonna ne bwe banvaako, na buli kimu kyonna, omukwano gwange guli mu Kristo.

> Essuubi lyange terizimbiddwa ku kintu kirala kyonna
> Wabula ku Bigambo bya Yesu n'obutuukirivu;
> Byonna ebyetoolodde emmeeme yange ne bwe bisaanawo,
> Asigala Ye ssuubi lyange era okubeerwa kwange.

195 Emmundu eyo bwe yabwatuka olunaku lwa luli ne ndaba. . . Nnali ndowooza nfudde. Naye nnalina enneewulira ey'emirembe. Nnatunulatunula. Muli ne ŋŋamba nti, "Kati, kano ke kaseera." Mu kaseera ako ekibiina ky'eddiini kyandingasizza ki? Ekibiina eky'obuntu kyandingasizza ki mu kaseera ako? Nnandibadde nnina okuyimirira emitala eri okusisinkana omusango gwa Katonda ogw'entiisa, okusalirwa omusango okusinziira ku Kigambo *kino*.

196 Newankubadde nnyinza okubaako abantu bangi, be mbabula, n'okuweta, n'okunyoola, n'okwabuluzaamu, naye mu abo nsubiira okukola, okufunamu empeke yennyini eya nnamaddala, ey'Ekigambo kya Katonda, era ngizimbemu emmeeme ey'okugenda mu Butaggwaawo. Bwe kiri. Ngiweeyo eri Katonda agiteeke mu mikono Gye agikolemu omwana omuwulize.

197 Kisoboka kitya—kisoboka kitya, omusajja akulemberwa Omwoyo Omutukuvu, ayinza atya okukola ekintu bwe kityo? Oba, omukazi alina Omwoyo Omutukuvu, ayinza atya okukola ebintu nga ebyo? Nedda. Ye mutukuvu. Era Obulamu Bwe bwe bubeera mu ggwe, naawe obeera kye kimu. Ojja kubeera nga Ye.

198 Isiraeri, era nga naffe, baalowooza nti olw'okuba baali bakulaakulana mu mukago gwe baalina n'abalala, nti ekyo kyali kiraga nti Katonda akikkirizza. Kaakati, mukimanyi, naffe leero bwe tutyo bwe tulowooza.

199 Nnina abasajja be nnayogerako nabo gye buvuddeko wano, ku woteeri emu, ennaku ntono eziyise, abasajja ab'amaanyi mu by'eddiini. Ne baŋŋamba nti, "Katonda akakasa nti ali naffe. Kubanga, omwaka oguwedde tweyongerako, Ow'oluganda Branham," Nnerabidde oba baagamba ebikumi bimeka, bwe batyo.

200 Ne mbagamba nti, "Ekyo tekirina kye kikakasa yadde n'akatono." Uh-huh. Bwe kiri. Obwamalaaya bweyongera, bweyongera okukolebwa omwaka oguwedde, ebitundu nga asatu ku buli kikumi; ekyo kyalaga nti Katonda ali n'obwamalaaya? [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Uh-huh. Uh-huh. Uh-huh. Ddala. Huh! Eyo ensonga teriimu makulu. Nedda. Tosobola kugiwa. Nedda, ssebo. Katonda ayimirira na Kigambo Kye. N'omuntu omulala yenna ajja kuyimirira n'Ekigambo Kye, bw'aba mwesimbu. Kale.

201 Baalowooza, nti olw'okuba baalina omukago! Kati, wano, tujja kuyingiramukko, katono, mu nsonga za gavumenti. Eggwanga lyaffe livudde ku Kigambo kya Katonda, era nga Isiraeri bwe yakola. Baava ku Kigambo kya Katonda, abantu baabwe, bakabona baabwe, ne bannabbi baabwe, n'abalala, ne babalagulako birungi byereere. Era ba. . . Tuyinza kukola ki okuggyako okuliragulako ebitali birungi, kubanga likontana n'Ekigambo! Ligenda kuzikirira. "Eggwanga lyaffe, ery'amaanyi lye twagala okukamala, eryazimbibwa ku. . . ebyo bajjajjaffe bye baayitamu." Kati nno muddeeyo ku ebyo bye baalina. Uh-huh. Bwe kiri. Mazima.

202 Isiraeri lyali ggwanga lya maanyi. Tunuulira bajjajjaabwe, naye Katonda teyabataliza. Nnabbi oyo omukadde ow'ekiwalaata yabakasukira Ekigambo, era ne kituukiririra ddala nga bwe yayogera. Musome ebyafaayo byammwe wano mulabe oba si kituufu. Byatuukirira ddala nga bwe yabyogera. Era yabavumirira, so, nga baayimiriranga, ne bakabona abatukuvu nga bambadde ebyambalo ebitukuvu, ne bamansira *kino;* nga tebasobola yadde okuseetula omukono okuguzza, erudda *eno* oba erudda *eri*, kubanga kyalina kukolebwa *bwe kiti*, nga akalombolombo oba ekintu ekifaanana bwe kityo.

203 Yesu yabagamba nti, "Muli ba kitammwe, ssetaani, era mujja kukola mirimu gye." Ne bamukwata ne bamusalira omusango, ne bamuwanika ku muti, ne bamutta. Mazima ddala. Katonda n'amuzuukiza. Yee, ssebo.

204 Nedda, tebandimukkirizza. Amosi tewali ngeri yonna, gye twandimukkirizza leero. Era leero tukoze omukago. Leero tulina kye tuyita. . . Tulowooza Katonda "akikkirizza," olw'okuba ebibiina byaffe byeyongera abantu obungi era—era buli kimu kigenda mu maaso nga bwe kiri. Tulowooza ekyo kitegeeza nti Katonda "akikkirizza." Omanyi, bwe beegatta awamu, ndowooza, baalina abantu obukadde nga

bubiri oba busatu ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki. Ate Abakatuliki beeyongerako abantu obukadde nga buubwo. Mukiraba? Balowooza ekyo kye kiraga nti Katonda abasiima, olw'okuba Bakatuliki. Ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki balowooza ekyo kye kiraga nti Katonda abasiima, olw'okubeera abaawakanya Obukatuliki. Huh! Ebyo temuli makulu. Abo baakuzikirizibwa. Abo vvu lya bbomu nnamuzisa. Busungu bwa Katonda obwetuumye awamu, okwabika. Ddala bwe kiri.

Mumpulirize. Muleke mbabuulire Ekigambo kya Mukama. Amiina.

205 Tutunuulire. Tunuulirira ensi yonna leero. Tunuulira eggwanga lyaffe. Twegatta ku kibiina ky'Amawanga Amagatte. Kirimu ki? Kibinja ky'abantu abatatya Katonda. Naffe, tetulina na buvumu bwa kusooka kusaba nga olutuula terunnatandika.

206 Ssaakisomye wano nti, "Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga batabaganye? Katonda takola kintu kyonna okuggyako nga asoose kukibikkulira baddu Be, bannabbi. Ababiri bayinza batya okutambulira awamu okuggyako nga batabaganye?"

207 Nga, tulinamu Abasiraamu, abagoberezi ba Buddha, abatakkiriza nti waliyo Katonda, abatatya Katonda, abeeyagaliza bokka, n'abalala aba buli ngeri, mu kibiina ekyo. Mulowooza—mulowooza Katonda asobola okubeera mu kintu bwe kityo?

208 "Kale," mugamba nti, "kale, kasita, tulina nabo omukago. Tuliko obukuumi bwonna okuva mu mawanga g'Abazungu."

209 Bali baaliko obukuumi bw'amawanga gonna, agaali gabeetoolodde. Naye nnabbi oyo yabagamba nti, "Katonda ajja kubazikiriza. Katonda yennyini gwe muweereza ajja kubazikiriza, olw'obusirusiru bwammwe." Yandyogedde ekintu kye kimu enkya ya leero. Yandyogeredde waggulu, okutandikira mu Maka g'omukulembeze w'eggwanga ly'Amerika mw'atuula okutuukira ddala wansi ku faamu ku mulimi asembayo. Mazima ddala yandikikoze. Yandibasesebbudde, n'Ekigambo kya Katonda. Mazima ddala yandikikoze. Bw'atyo nnabbi omutuufu bw'abeera.

210 "Mututunuulire, mmwe amakanisa. O, ye ffe kkereziya enkulu entukuvu ey'Abakatuliki ey'e Rooma!" Eyogerwako, mu Bayibuli, nti ye mukazi OMWENZI.

211 "Ye ffe bakadde abazaala, amakanisa g'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, era gonna geegasse wamu, kati bayitibwa. . . bayitibwa Akakiiko Akagatta Amakanisa g'Ensi yonna." Bamalaaya abaava mu MWENZI, Bayibuli bw'egamba. Ky'ekyo kyennyini ky'Egamba. Uh-huh. Kyokka ffe tulowooza kimu mbu, "Era kati amakanisa gonna gagenda kwegatta wamu."

212 Mw. Collins, mukwano gwange, ow'oluganda okuva e California, manya, mu Arizona. Eyiyo-. . . eyiyo . . . Pete, [Ow'oluganda Neville agamba nti, "Elmer."—Omuk.] Elmer. Nnamugamba nti, "Kati, ndowooza olinayo ekkanisa y'Abamesodisiti ennungi mw'osabira."

213 N'agamba nti, "Nnagivaamu bwe yeegatta ku Kakiiko k'Amakanisa ako."

214 Ne mmugamba nti, "Katonda akuwe omukisa. Ogenda osemberera Obwakabaka, ow'oluganda." Uh-huh. Yee, ssebo.

215 Ebiyiiye eby'enjigiriza, ne beekwata ku kakiiko akaddukanyizibwa abantu, n'enjigiriza zaabwe ezaagunjibwawo abantu, ne bava ku Kigambo kya Katonda. Kye twetaaga leero ye nnabbi, abasesebbule n'Ekigambo ekyo. Ky'ekyo kyennyini. Weewaawo.

216 Ba, bagezaako okweteekako obukuumi nga beegatta wamu. "Ha, naffe twakegattako. Ffe, Abapentekoote, weewaawo, naffe twegatta ku Kakiiko Akagatta Amakanisa g'Ensi yonna, kubanga bwe tukabeeramu tubeera n'okussa ekimu. Tujja kubawangula." Kiringa omukazi bw'agenda mu bbaala, atamiire ne bba, mbu asobole okumuleeta eri Katonda. Era nga omwami bw'agenda ne mukyala we, ensangi zino, mu bbaala, okutamiira, mbu asobole okumuleeta eri Katonda. Obwo butaliimu! Weewale amatwale ga ssetaani.

217 Ekintu kyonna bwe kisambajja Ekigambo ekyo, ssikkiriziganya nakyo. Ekyo kindeetera okulwanyisa buli kibiina eky'obuntu, kubanga bikontana n'Ekigambo. Kisaanye okuleetera buli mukkiriza okuwulira bw'atyo. Huh!

"Kale," bagamba mbu, "naye, jjukira nti, tulina . . . "

218 Nnina ekitundu ky'olupapula lw'amawulire ekinene, omuntu omu kye yansindikira okuva mu Arizona, ekyogera ku mukadde ono ayitibwa *Gundi*, olunaku lwa luli, eyagamba mbu, "Paapa Yokaana Ow'abiri mu Ababiri," oba kyonna kye bamuyita, "yalina . . . Musajja mulungi. Ye musajja yekka eyali ayogedde ku kugatta awamu amakanisa, Abakatuliki n'ab'enzikiriza ezaawakanya Obukatuliki, okwegatta awamu." N'agamba nti, "Kiyinza obutabaawo mu nnaku zaffe, naye, mu myaka nga kkumi n'etaano oba abiri, kijja kubaawo."

219 Muli ne ŋŋamba nti, "Bambi, nga bw'oli mukadde wa kkanisa, oli mu kulagula, naye tokimanyi."

220 "Obudde buyise nnyo okusinga bwe tulowooza." Omusajja eyampandiikira, yawandiika waggulu ku muko ogwo nti, "Obudde buyise nnyo okusinga bwe tulowooza." Era naye, yali awuliriza entambi. Yee, ssebo. Yagamba nti, "Obudde buyise nnyo okusinga bwe tulowooza." Yambuuza nti, "Ow'oluganda Branham, kino tewakyogerako, emyaka mingi egiyise?"

221 Ne mmugamba nti, "Mazima ddala." Yee, ssebo. Kiri mu kutuukirira, kubanga Kigambo kya Mukama. Kirina okutuukirira. Mazima. Weewaawo.

222 Beebuuza nti, "Naye, omukadde ono omutukuvu, tolowooza nti alina ky'amanyi ekisinga ku ekyo?" Nedda, ssebo. Bw'aba agaana Ekigambo kya Katonda, n'akitunuulira mu ngeri eyo, tasobola.

223 Ssifaayo ba paapa bameka, oba bannabbi, n'abalala bonna be mulina mu makkati gammwe. Bwe muba mwava ku Kigambo, muba mwava ku Kigambo. Bwe kiri. Katonda ayinza atya okuwa omukisa ekintu bwe kityo, nga basambajja Ekigambo kya Katonda kyennyini? Ayinza atya okuwa omukisa ekintu ekirala kyonna ekitali Kigambo Kye, ekintu ekikontana n'Ekigambo Kye? Ayinza otya okukyegaana?

224 Oyinza otya okuwa omukisa kookolo akulya okukumalawo? Oyinza otya okuwa omukisa wa—wa—waya y'amasannyalaze gy'okutte mu ngalo, n'ogigamba nti, "O, nkwata onjokye"? Obwo buba buzoole.

225 Katonda ayinza atya okuwa omukisa ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo Kye? N'olwekyo mudde eri Ekigambo! Uh-huh.

226 Mmwe ekibinja ky'ababuulizi, abalinga embwa enjizzi, mutawaana ki ogubaliko? Mugenda wano ne mutunda obusika bwammwe olw'omugoyo, musobole okwevuga mu mmotoka ey'ekika kya Cadillac oba ekintu eky'engeri eyo, oba muzimbe olubiri olunene, awantu awamu, n'ekkanisa ey'akakadde ka ddoola. N'ebintu ebiringa ebyo, ne mutunda obusika bwammwe, ne mukwatibwa ensonyi ne mutya okubuulira Ekigambo kya Katonda eri ekibiina kyammwe. Ddala, temukwatibwa nsonyi? N'ova awo ne weeyita omuweereza, nnabbi wa Katonda, nga otunze obusika bwo olw'omugoyo gw'ebintu by'ensi. Muliggyamu ki? Kye kimu nga Esawu kye yakola. O, nga kya buswavu!

227 O, nedda! Katonda omutukuvu alabirira Ekigambo Kye, okukikakasa, yali tayinza kuwa mukisa kintu kikontana na Kigambo Kye. Kaakati muwulirize. Mmanyi obudde bumpiseeko, era ndabika mbassa ebbugumu. Naye, mulabeeyo, njagala mbeeko ne kye mbabuuza. Katonda omutukuvu, Eyayogera Ekigambo Kye n'agamba nti, "Kati, eggulu n'ensi biriggwaawo, naye Ekyo tekiriggwawo, wadde Ekigambo ekimu ku Kyo," kati Ayinza atya okuddira ekintu ekikontana n'Ekigambo ekyo n'akiwa omukisa? Ayinza atya okukikola? Mulabeeyo. Yeekakasa, Ye mwene. Akakasa Ekigambo Kye. Alaga ani mutuufu, tasinziira ku kubeera mmemba.

228 Mulabe Mowabu. Mowabu, nayo yalina Ekigambo Kye, Mowabu. Isiraeri yalina Ekigambo Kye; naye Mowabu baalina ekifaananyi eky'okutya Katonda, n'Ekigambo Kye. Baawayo

ssaddaaka za mirundi musanvu, sseddume z'ente, ku byoto musanvu; omuwendo ogutuukiridde, ssaddaaka etuukiridde. Ate, nga oggyeeko ebyo, yatwala endiga ensajja musanvu, ekyali kiraga nti baali bakkiririza mu kujja kw'Omwana wa Katonda, n'aziweerayo waggulu eyo, nga bali wamu ne ssaabalabirizi waabwe. Abakungu baabwe bonna, bakabona baabwe bonna, ne bakabona abakulu, na buli omu yenna, bonna baaliwo awo ne bakabaka baabwe ne ba pulezidenti baabwe, n'abalala bonna, ne bawaayo ssaddaaka zino mu ngeri ey'omwoyo nga bwe basobola, nga balwanyisa Isiraeri.

229 Nga Isiraeri bali mmanga eri, balinga akabinja, ka bakyewaggula. Naye kiki ekyali awamu ne Isiraeri? Katonda yaliyo mu lukkuŋŋaana lwabwe. Yakakasanga, nti Yali ali wamu nabo. Mukiraba?

230 Ne bwe baabeera n'abakadde abenkana wa, oba bapaapa, oba abalala bonna, Katonda tayinza kubeera nabo okutuusa nga Akakasizza nti Ali nabo. Naye bwe baba baava ku Kigambo Kye, nga basambajja Ekigambo Kye, Ayinza atya okubeera nabo? Tewaaliwo bubonero bwa Katonda omulamu mu makkati gaabwe.

231 Katonda ayinza atya okubeera mu makkati g'ekibiina ky'Amawanga Amagatte, nga ababiri tebayinza kutambulira wamu nga tebatabaganye?

232 Kaakati, mulabeeyo wano. Baabano, ab'Ekkanisa ya Kristo, nga bwe beeyita, beegasse wamu n'Abapentekoote. Abapentekoote bagamba bakkiririza mu kwogera mu nnimi. Bakkiririza mu bukakafu bw'okuba n'Omwoyo Omutukuvu, nga kwe kwogera mu nnimi. Bagamba bakkiririza mu *kino, kiri,* na *kiri*. Bakkiririza mu bubonero n'ebyewuunyisa. Ab'Ekkanisa ya Kristo babasekerera, babagamba nti, "Mmwe abatalina kye mumanyi! Ebyo byali bya biro biri." Ababiri bayinza batya okutambulira awamu nga tebatabaganye? Naye ne beegatta awamu. Babeera bakola ki? Banoonya obukuumi buli omu kuva eri munne. Eby'engeri eyo twala eri!

233 Obukuumi bwange buli mu Kristo na mu Kigambo Kye, kubanga Ekigambo Kye ye ye Mwene. Ky'ekyo.

Tewaliiwo bubonero bwa Katonda omulamu, wadde n'akatono.

234 Ky'ekyo Yesu kye yagamba nti, "Bwe mba ssoolesa Kigambo, awo temukikkiriza. Katonda bw'aba tayogera na kulagula kuyita mu Nze, n'ayogera okuyita mu Nze era n'akola okuyita mu Nze ebyo byennyini Masiya by'ateekwa okukola, awo temunzikiriza."

235 N'olaba, omusajja n'agamba mbu nnabbi eyatumibwa Katonda, ate n'agaana Ekigambo? Ayi Katonda otusaasire olw'ebintu ebiringa ebyo! Katonda ayinza atya okukola ekintu nga ekyo?

236 Muleke mbabuuze, mbabuuze, kino kati. Si—simanyi lwe ndiddamu kwogera gyemuli. Ekyo Katonda y'amanyi. Nze mpakira Mmere, nga bwe Yaŋŋamba mu kwolesebwa kuli mu kiseera kiri, nga bwe ngiteeka mu mapipa.

237 Muyinza okumbuuza nti, "Amosi yayinza atya okulaba ebyali bigenda okubabaako nga tebinnababaako?" Kubanga, buli kimu kyali kirabika nga kitambula bulungi.

238 Mulabeeyo. Kati mulabeeyo. Kati, muwulirize n'obwegendereza. Kubanga, bino byonna bikwatibwa ku lutambi, era Bijja kugenda, Bijja kubuna ensi yonna. Mukiraba? Kati kiyinzika kitya . . . Mulabeeyo wano.

239 Yiiyo Isiraeri. Amatendekero gaabwe ag'ebyeddiini gaali mu mbeera nnungi okusinga bwe gaali gabadde. Tewaaliwo muntu yenna abateganya. Baalina amadiini gaabwe. Tewaali muntu yenna abagamba nti, "Temusobola kusinza Yakuwa." "Mugende mu maaso," bwe gatyo amawanga g'abakaafiiri bwe gaabagambanga, "musinze. Tulina endagaano, buli omu ne munne."

240 Ekyo nnabbi oyo ekyo yakyekkaanya. Mukiraba? Ne nnabbi leero bw'aba alina okukyekkaanya. Mukiraba?

241 "Mugende mu maaso." Isiraeri n'egamba nti, "Kale, leka tulye, tunywe, tusanyuke." Ne beekolamu ekibinja ne babaako ebiyiiye bye bagunjaawo, n'ebibiina eby'obuntu, n'ebibiina by'amadiini, n'ebirala, ne babiteekawo. Abakazi baabwe ne babeeranga eyo mu masanyu n'okutambulira mu kibi. Nkugambye, nga obasanga eyo mu bifo ebisanyukirwamu na buli wamu, nga kyenkana bali bwereere, bambadde bu sikaati obumpi obwa siriki. Bwe muba mwali mulabye ku—ku byafaayo byabwe eby'ebiro ebyo, bwe baali bafaanana, ha, kyenkana baali babi ebitundu kimu kya kusatu bw'obageraageranya n'aba leero. Naye, nga tebabenkana, kubanga baali tebayinza. Weewaawo. Ne bagenda mu maaso ne beejeeguula mu ngeri eyo; nga kw'otadde bakabaka, ne bakabona, na buli muntu yenna.

242 Yesu yabagamba nti, "Mmwe bannanfuusi mmwe, mulya ennyumba za bannamwandu." Yakyogera. N'ebintu bino byonna bye baali bakola.

243 Nga nnabbi oyo nga ayimiridde awo, atunuulidde ebintu eby'engeri eyo, nga atunuulidde eggwanga eryo erifaanana bwe lityo, ky'ova olaba omutima gwe gwasaanuuka munda mu ye. Yee, ssebo.

244 Kaakati, oyinza okubuuza nti, "Yamanya atya ebyali bigenda okubaawo? Yayinza atya okubiraba nga tebinnabaawo? Atya?" Buli kimu kyali kitambula bulungi. Kubanga, baalina eby'okulya ebibamala. Baalina eby'okwambala ebibamala. Ba, baalina amakanisa gaabwe amanene. Baali bakulaakulana. Nga ssente zisigibwa buli wamu, eby'amasanyu. Amazina ku nguudo, obuseegu, na buli kimu nga bigenda mu maaso,

nga buli kimu kitambula bulungi. Era nga Amerika bw'eri leero. Ttivvi ejjuddeko kubalaata kwa bucaafu, abakazi abambadde enkunamyo, na buli kimu. Buli ky'olaba kyonna kazambi mwereere na kibi. Teweetaaga na kulaba ttivvi, tunula butunuzi, olabe buli wamu wonna. Abawala, abalenzi, abasajja, abakazi: banywa sigala, banywa omwenge. Ba Yezebbeeri abo abeeyita Abakristaayo. Emizimu emigwagwa nga gyeyita Abamesodisiti, Ababaputisiti, Abapulesibeteriyani, Abakatuliki, n'Abapentekoote. Uh-huh. Uh-huh.

Ky'ova olaba amaaso gajjula ennyiike bwe yatunula. Huh! Bwe kiri.

245 "Ebintu byonna birabika bulungi. Oyinza otya okuzitereka? Bwe tuba ba kukola. . .Otya? Otya? Labayo eno. Kale, tu—tweyongeddeko akakadde akalala kalamba ak'abantu. Tu—tulina. . .Tu. . .Ebizimbe byaffe, ha, amakanisa gaffe gakubyeko nnyo, tulina okuzimba amakanisa amapya. Naye, ssente tulina mpitirivu obungi, tetumanyi na kya kuzikozesa. Ate, twakamala okuzimba ebifo ebisingayo obulungi mu—mu ggwanga. Amakanisa agasingayo obunene, gaffe. Naye ssente tukyazirina mu bungi. Ggwe tolaba nga Katonda atuwadde omukisa?" Nedda. Mwava ku Kigambo kya Katonda.

246 "Kati, Ow'oluganda Branham, ky'ogamba n'eno Katonda agenda kugizikiriza?" Weewaawo, buli emu ku zo.

"Omanyira ku ki?" Amos, wakimanyira ku ki?

247 Kiringa dokita bw'aba akebera endwadde. Bw'azuula obulwadde obuluma omuntu oyo, eky'okukola aba akimanyi. Abeera amanyi obulwadde obuluma omulwadde oyo. Abeera amanyi obulwadde obwo mutendera ki kwe buli. Era abeera amanyi kiki ekigenda okuddirira. Bwe kityo bwe kiri ne nnabbi, nnabbi omutuufu, bw'alaba. Ssifaayo kiki ky'okola. Bw'alaba ekibi nga kyeyongera, oyo abeera kookolo ali mu kulya. Ate kookoolo oyo ali ku mutendera gwa waggulu nnyo, mu Bapentekoote n'abalala bonna, takyasobola kuzzibwa mabega. Ali ku mutendera gwa waggulu nnyo. Bagenda kuzikirira.

248 Bw'atyo Amosi bwe yasobola okutegeera endwadde. Yagikebera akozesa Kigambo kya Katonda. Bw'atyo nna-. . . nnabbi omutuufu bw'akebera endwadde, n'agamba abakazi abo nti, "Temwetantalanga okugenda mu kusalirwa Omusango n'enviiri enkomole, nga mumanyi bulungi ekituufu kye mulina okukola." N'abagamba mmwe abasajja, nammwe abalala mwenna, nammwe ababuulizi abasambajja Ekigambo, nga mulina ekifaananyi eky'okutya Katonda, naye ne mwegatta ku bibiina eby'obuntu, okugezaako okwebalama okweŋŋanga ensonga, nga eky'okukola mukimanyi. Mutunuulira Ekigambo kye kimu bannabbi abatuufu kye banditunuulidde. Ebivudde mu kukebera bigamba nti, "Kufa! Kwawukanyizibwa!" Kiringa

omusawo, endwadde abeera agimanyi. Obubonero endwadde eyo bw'eyolesa abeera abumanyi.

249 Mulabe eggwanga lino. Bw'ogamba nti, "Obupentekoote ebyabwo bikomye." Olwo, tebajja kuddamu kukukkiriza kujja ku kkanisa, kubanga obuulira abakazi ku by'okukomola enviiri, ate nga Bayibuli y'ezivumirira. Batya nti ojja kubaako ne ky'oyogera ekikwata . . .

250 Jjuuzi wano, bwe nnali mu nteekateeka z'enkuŋŋaana ez'okutalaaga ebifo eby'enjawulo, Roy Borders yali, ku Lubalama olw'Ebugwanjuba, bamwebulungula, ekibinja ky'abaweereza, nga, ha, ndowooza amakumi ana oba ataano, mu kifo gye nnalina olukuŋŋaana olw'amaanyi. Ne bamugamba nti, "Mw. Borders, nnina kye njagala okukubuuza." N'agamba nti, "Kituufu nti Ow'oluganda Branham akozesa Linnya lya Mukama waffe Yesu Kristo bw'aba abatiza?"

251 Mw. Borders, omusajja ow'ekitiibwa ennyo, nga bwe mumanyi Ow'oluganda Borders okuva wano. N'abagamba nti, "Bassebo," n'agamba nti, "Ow'oluganda Branham, bw'abeera mu nkuŋŋaana ez'okubuulira, wabweru, nga wano," n'agamba nti, "tabuulira. Agenda mu maaso na kusabira bantu bammwe abalwadde. Ekyo kyokka ky'akola."

252 N'amugamba nti, "Ekyo si kye nkubuuzizza," bw'atyo omulabirizi bwe yamugamba. "Akikola?" Kati, entambi baali bazirina. Bakimanyi. N'amubuuza nti, "Abatiza mu Linnya lya Yesu Kristo?"

253 N'agamba nti, "Weewaawo, mu kkanisa ye. Ekyo ky'ekifo kyokka w'abatiriza, mu kkanisa ye."

254 N'agamba nti, "Ekyo kimala. Ekyo kyokka kye mbadde njagala okumanya. Tetumwetaaga. Tetwagala njigiriza eyo enkyamu mu bantu baffe."

255 Ate olunaku lwa luli, mukwano gwange omulungi, Ed Daulton, yafuna ebbaluwa okuva mu kkanisa y'Ababaputisiti. Yagamba nti, "Tukugoba mu kussa ekimu kw'Ababaputisiti, kubanga weegatta ku njigiriza enkyamu ey'okubatizibwa mu Linnya lya Yesu."

256 Njagala nnyimirire ne Pawulo ŋŋambe nti, "Mu ekyo ensi ky'eyita enjigiriza enkyamu, eryo ly'ekkubo mwe nsinziza Katonda, kubanga Kigambo Kye." Yee, ssebo. Weewaawo. O, mazima ddala.

257 Omusawo akebera endwadde. N'alaba endwadde eyo w'eri. Ne nnabbi omutuufu akebera endwadde, nga akozesa Ekigambo. Akola ki? Omusawo akebera endwadde, nga asinziira ku bubonero bwayo. Si bwe kiri? Atunuulira obubonero n'amanya ekiruma omulwadde. Alaba omutendera endwadde eyo kw'etuuse, n'amugamba nti, "Tewakyali kiyinza kukolebwa."

258 Ne nnabbi omutuufu akwata Ekigambo kya Katonda n'akebera endwadde, n'agiyiwamu Eddagala. Naye ate abantu Eddagala eryo ne balimukuba mu maaso. Kiki ekinaddirira? Kuzikirira, tewali kirala; kibinja kya bannanfuusi abaagala amasanyu, abajjudde okwegomba kw'ensi! Naye bw'atyo nnabbi omutuufu bw'abeera. Mukiraba? Ha, bannange!

259 Alaba endwadde. Yakiraba nti baali baava ku Kigambo. N'alaba Ekigambo. N'amanya ebyali bigenda okuddirira. Yalaba amasanyu mwe baali batambulira, n'alaba engeri abakazi gye baali beeyisaamu. Yalaba engeri bakabona abo gye baali bakola, engeri gye baava ku kusinza kwa Katonda okw'amazima, n'ebintu bwe bityo. Ebyo olwabiraba, eky'okuddamu yali—yali akirina. N'abagamba nti, "Katonda oyo gwe mugamba gwe muweereza ajja kubazikiriza."

"Lwaki?"

260 "Temukutte biragiro Byange." Ate nga baali balowooza babikwata. Ssaakamala okukisoma wano? Olunyiriri olw'o 2, olw'o 4 . . . essuula ey'o 2, olunyiriri olw'o 4, "Kubanga nnabalonda okubeera . . . Mu bika byonna eby'oku nsi, mmwe be Nnalonda, naye ne mugaana okutambulira mu Biragiro Byange." Mulowooza . . .

261 Nnabbi oyo omutonotono, ow'ekiwalaata eyali ayimiridde awo n'ekirevu ekyo ekyali kijjude envi; nga mu maaso ge, mumansuka ensasi z'omuliro; nga ayogera eri ekibinja kya bakabona ekyo n'abalala, n'abagamba nti, "Katonda oyo bannanfuusi mmwe gwe mugamba gwe muweereza, Katonda y'omu oyo ajja kubazikiriza." Mulowooza yandifunye abakolagana naye? Huh! Yagamba . . . Ha, bannange! Ye, mumugezeeko leero mulabe oba yandibafunye. Nedda. Naye yakola ki? Bw'atyo nnabbi omutuufu bw'abeera. Yalina Ekigambo. Yali amanyi kye Kiri.

Nga Mikaaya ow'edda . . .

262 Omwana oyo omuto gwe nnawonzeeyo, ebimu mbireseeyo, eddakiika ntono ezaakayita, kubanga nnina okwanguwako olw'obudde.

263 Naye, Mikaaya, bwe yayimirira mu maaso ga Akabu, yabatunuulira. Yali amanyi Ekigambo. Mikaaya yababuulira Ekigambo. Lwaki? Mikaaya yeekenneenya okwolesebwa kwe, n'Enjigiriza ye, n'abigerageranya n'Ekigambo kya Katonda. N'akiraba nti Enjigiriza ye n'Ekigambo kya Katonda byali bye bimu. Kubanga, Ekigambo kyali kigamba nti Yali wa kukolimira Akabu, era Yali wa kuleetera embwa okukomberera omusaayi gwe. Ekigambo bwe kityo bwe kyali kigamba.

264 N'olwekyo, Mikaaya yafuna okwolesebwa. Kitegeeza, yali nnabbi. "Mukiraba nti Ekigambo kijja gye ndi." N'asaba n'agamba nti, "Ai Mukama Katonda, nkole ki? Ŋŋambe ki ekibinja ky'ababuulizi bano abayimiridde wano? Ebibiina

byonna bibiino wano. Buli omu yenna mu ggwanga annwanyisa, Mukama. Nzuuno nnyimiridde mu maaso ga kabaka. Njogere ki?"

265 N'ayingira mu kwolesebwa. N'amugamba nti, "Genda mu maaso. Genda mu maaso." N'agamba nti, "Naye ndabye Isiraeri nga basaasaanye nga endiga ezitalina musumba." Weewaawo.

266 Omu—omulabirizi oli atwala disitulikiti kye yava ajja we yali n'amupacca oluyi ku mimwa, n'amubuuza nti, "Ekigambo kya Katonda, Omwoyo wa Katonda, yagenze wa, bwe yanvuddeko?" Bwe yamuvuddeko?

267 Mumanyi Katonda kye yagamba? Yakkiriza omwoyo omubi ne gukka, ne gubayingiramu, kubanga okusooka kwa byonna, baali baava ku Kigambo.

268 Bayibuli egamba nti, "Bwe batalikkiriza Kigambo, Alibawaayo eri okukyamizibwa okw'amaanyi, bakkirize obulimba, era bubazikirize." Ky'ekyo kyennyini ebibiina bino wamu n'abantu b'eggwanga lino kye bakola olwa leero, bali mu kukkiriza obulimba, bulyoke bubazikirize. "Kubanga tewali Linnya ddala wansi w'Eggulu mwe muteekwa okulokolebwa." Mwetereeze, mmwe ebibiina eby'obuntu, n'abalala mwenna. Weewaawo.

269 Kati, bano abalala bo baakola ki. . .?. . .Bannabbi bano abalala bo kiki kye baatunuulira? Nabo baali bannabbi. Yee, ssebo. Baali bannabbi. Naye ssinga baayimirira ne beekenneenya obunnabbi bwabwe n'Ekigambo!

270 Abamesodisiti singa bayimirira ne basooka beekenneenya obunabbi bwabwe, tebandiizzeemu kumansira muntu yenna mazzi. Bandifunye Omwoyo Omutukuvu. Buli muntu bandimubatizza nga bamunnyika mu mazzi, mu Linnya lya Yesu Kristo. Aba Assemblies of God singa bayimirira leero ne beekenneenya obunabbi bwabwe, bandikomyewo ku Kigambo. Aba Oneness, leero, singa bayimirira ne beekenneenya obunabbi bwabwe, bandikomyewo ku Kigambo.

271 Naye, mulaba, singa bannabbi abo baayimirira ne beekenneenya obunabbi bwabwe! Naye badda mu kukubaganya birowoozo. Ne bagamba nti, "Ekitundu ekyo kyaffe. N'olwekyo tugenda kwambuka e Ramosi-Gireyaadi tukiwambe tukyeddize, kubanga kyaffe. Yoswa yakituwa."

Naye Mikaaya n'agamba nti, "Ekyo kiwulikika nga eky'amakulu."

272 Naye ogwo gwe mutawaana. Kye weetaaga si kukubaganya birowoozo. Kye weetaaga kwe kukkiriza Katonda kye yayogera. Tokikubaganyako birowoozo.

273 Watya singa Ibulayimu yadda mu kukubaganya ebirowoozo? Yandisobodde atya okuva mu nsi ye? Yandiyinzizza atya ku

myaka kikumi, okuba nga akyatendereza Katonda, nti bagenda kuzaala omwana okuyita mu Saala, nga wa myaka kyenda?

Okukubaganya ebirowoozo kusuule eri. Ggwe kkiriza bukkiriza.

274 Oleka ssetaani n'akugamba mbu, "Omanyi, Ow'oluganda Branham munnanfuusi awedde emirimu."

275 "Kati, leka nnindeko, leka ndabe oba ddala munnanfuusi. Leka tulabe oba by'ayigiriza bituufu. Leka nzireyo mu Bayibuli." Nedda tokikola, togenda. . .Ekyo tajja kukukkiriza kukikola. Nedda, nedda. Mukiraba?

276 Naye ajja kubaako ekintu ekibi ky'anjogerako, ky'ayinza okuba nga alina olukusa okukikola, olwo n'obeera nga olowooza ku ekyo, n'oyimirira n'otandika okukibaganyaako ebirowoozo n'ogamba nti, "Wamma. *Kino* teyandikikoze. *Kiri* teyandikikoze." N'otandika okuntunuulira nga onneekengera, nkukakasa, ojja kufuna ebiwerera ddala.

277 Ndaba ne bwe wanditunuulidde Mukama waffe Yesu. Era wandibadde na bingi by'ozuula. Mutunuulire, okumala akaseera. Kati buli omu ku mmwe ŋŋenda kumufuula muweereza. Kati tugenda kwerabira nti Yali abaddeko ku nsi. Wuuno Omulenzi buli omu gw'amanyi obulungi, mu ggwanga lyonna, okuba nti Mwana—Mwana mweboolereze. Maama We yamufuna nga ye ne taata We tebannafumbiriganwa. Kyali kimanyiddwa. (Kati, tebagenda eri Kigambo kigamba nti, "Embeerera eriba olubuto.") Bagendera ku ebyo bye bawulira, mukiraba mbu, "Mwana omweboolereze." Tebaamugamba mbu Yazaalibwa mu kibi, ate agezaako okubayigiriza? Ndi. . . Mukiraba?

278 Naye mulabe kye Yali akola. Eky'amazima Yali ayuzayuza buli kkanisa eyaliwo mu ggwanga. Si bwe kyali? Ebibiina eby'obuntu, na buli kimu kyonna.

279 Kiki kye Yali? "Yenna ali awo Mulenzi luliira mu nnyana akuliridde amala gataayaaya, Omuvubuka omuto, atalina kibiina kya ddiini. Mbuulira ekkanisa mw'osabira. Kitaawo y'ani? Ogamba mbunno Yusuufu si ye Kitaawo?"

"Yusuufu si ye Kitange," Bw'atyo bwe Yabagambanga.

"Kati, Kitaawo y'ani?"

"Katonda ye Kitange."

280 "Kati, Oli muzoole! Ekyo kyennyini ky'Oli. Ggwe, Omuntu obuntu, ggwe agamba mbu Katonda ye Kitaawo?"

281 Singa baakyekkaanya nga bakozesa Ekigambo! Aleruuya. Temukiraba? Ekigambo kyali kya kwambala omubiri. Okwolesebwa kwabwe tebaakwekenneenya nga bakozesa Ekigambo. Ky'ekyo.

282 Ogwo gwe mutawaana oguliwo leero. Okwolesebwa kwammwe temukwekenneenya na...obunabbi bwammwe—bwammwe n'enjigiriza yammwe, temubyekenneenya na Kigambo kya Katonda. Omuntu n'agezaako okukubuulira Amazima, n'omukyawa bukyayi, nga bwe kyali ku Amosi, nga Amosi yakikola. Nammwe mukola ekintu kye kimu.

283 Kati mulabeeyo wano. Ali mu mbeera eno. Kati, oba oli awo, mwandimusalidde omusango, bwe kiri, singa temwaddayo eri Kigambo. Bakola ekintu kye kimu. Bamusalira omusango leero.

284 Ate mmwe abakazi, *wano* ne *wano*, weewaawo, endowooza yammwe ey'okukomola enviiri, lwaki temugyekenneenya n'Ekigambo, ne mulaba kye Kigamba? Mukiraba? Ebintu ebyo lwaki temubikola?

285 Lwaki temwekenneenya kubatiza kwammwe, okwa "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu," obwo "obusatu obw'obulimba," nga bwe buyitibwa, obutalinayo okuggyako okubeera woofiisi essatu eza Katonda omu, ebitiibwa obutiibwa? Tewali *linnya* lye bayita "Kitaffe." Tewali *linnya* lyonna liyitibwa "Kitaffe, Mwana, n'Omwoyo Omutukuvu."

286 Erinnya lya Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu, ye, "Mukama waffe Yesu Kristo." Okubatiza kwammwe mukwekenneenye n'engeri buli omu mu Bayibuli gye yabatizibwaamu. Endowooza yo singa onaagikebera n'Ekigambo, ojja—ojja kukomawo obatizibwe mu Linnya lya "Mukama waffe Yesu Kristo."

287 Ky'ekyo Pawulo kye yabagamba okukola. N'ayongera n'abagamba nti, "Omuntu yenna bw'ayigiriza mu ngeri endala eyawukana n'eno, leka—leka akolimirwe, k'abeere Malayika avudde mu ggulu."

288 Omanyi, emirundi mingi, Bamalayika bakka okuva waggulu. Nkubuulire, ekyo Abapentekoote nga bamala gakimira bukkolokkolo!

289 Kati kiri kitya ku Mutukuvu Martin eyali ayimiridde awo, ne walabika mu maaso ge omuntu ayakaayakana?

290 Omusajja eyabatizanga mu Linnya lya Yesu, eyali akkiririza mu Mwoyo Omutukuvu, era eyakwatanga Ekigambo! Naye Abaruumi ne bamugobera ebweru, ne bamukola buli kimu kyonna, nga bagezaako okumuwa enjigiriza zaabwe ezaagunjibwa n'enjigiriza z'abantu. Omusajja oyo yayimirira ku Kigambo.

291 Lwali lumu, mu maanyi ge, emizimu gyayagalanga okujja gigezeeko okwogera naye. Teyagiwulirizanga.

292 Lumu, Ssetaani yajja gy'ali mu ngeri eyo, nga yeerimbise mu kubeera Kristo, nga atikkiddwa engule, ayambadde siripa eza zzaabu, n'ayimirira awo n'amugamba nti, "To..." Nga

yeetooloddwa ennimi z'omuliro. N'amugamba nti, "Tontegeera, Martin? Ye nze Mukama wo. Nsinza."

Martin n'amutunuulira n'agamba mu ye nti. "Wano waliwo ekitali kituufu."

293 Ssetaani n'amugamba nti, "Martin, tontegeera?" N'agamba nti, "Ye nze Mukama wo era Omulokozi wo." N'amugamba nti, "Nsinza." Ekyo yakyogera emirundi esatu.

294 Martin ne yeetoolooza amaaso. N'alaba nga, Kristo abantu Be be balimutikkira engule, bw'Alijja. Aliba tayambadde siripa za zzaabu. N'amugamba nti, "Vva we ndi, ggwe Ssetaani."

Ddala, ekyo Abapentekoote tebandikimize bukkolokkolo? "Bannange, Malayika ayakaayakana!"

295 Omukazi oli eyajja emmanga eri, mu Chicago gye ŋŋenda, n'aŋŋamba nti, "Ow'oluganda Branham, abaweereza engulu eyo bagamba nti Malayika wa Mukama bw'aba ye yakugamba okubatiza mu Linnya lya Yesu, bajja kukikkiriza. Naye ekyo kirowoozo kyo nga ggwe?"

296 Ne mmugamba nti, "Ssinga Malayika wa Mukama abaako ekintu kyonna ky'aŋŋamba ekikontana n'Ekyo, oyo tabeera Malayika wa Mukama." Mukiraba?

297 Ssinga Malayika yenna ayogera ekintu kyonna ekikontana n'Ekigambo *kino*, leka ekikye kibeere obulimba. Era singa omuntu akugamba, omubaka okuva eri Katonda, singa agamba nti ava eri Katonda, n'akugamba nti, "Kituufu okubatizibwa, mu linnya lya 'Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu,'" leka abeere mulimba.

298 Omuntu bw'akugamba mbu, "Tekiriimu kabi, ggwe okukomola enviiri zo, n'ebirala bwe bityo; nti olina kwambala nkofiira mu kkanisa, nga boneti, 'okuba ekibikka ku mutwe,'" leka abeere omulimba.

299 Ekigambo kya Katonda, ge Mazima. Ne bwe wabaawo ekimu ku bintu bino byonna ekikontana n'Ekigambo, leka kibeere obulimba. Ekigambo, ge Mazima. Kijja kuyimirira.

300 Y'ensonga lwaki Mikaaya yasobola okukitegeera nti obunnabbi bwe bwava eri Katonda, kubanga bwali bukwatagana n'Ekigambo kya Katonda. Yee, ssebo. Okwolesebwa kwe kwali kukwataganira ddala n'Ekigambo kya Katonda.

301 Ha, singa Amosi abadde wano, yandinyweredde ku Kigambo. Bwe kiri. Naye, mulaba, omutawaana, gwe tulina leero, gulinga gwe baalina. Nnaatera okumaliriza. Omutawaana gwe tulina gulinga gwe baalina. Baali baayigirizibwa, baawabizibwa okuva ku Musingi. Yesu yagamba nti, "Ekigambo kya Katonda mukifudde ekitalina maanyi olw'obulombolombo bwammwe." Era obulombolombo obwo kwe kubatizibwa okukyamu! Ke kabonero ako ak'obulimba akalaga nti ofunye

Omwoyo Omutukuvu! Abamu ku bo bagamba nti, "Kwata mu ngalo." Abamu ku bo bagamba nti, "Yogera mu nnimi." N'emizimu, nagyo nnali ngiwuliddeko, nga gyogera mu nnimi, n'okukwatagana mu ngalo. Yee, ssebo. Ako si ke kabonero akalaga nti ofunye Omwoyo Omutukuvu. Kati, ebintu bino byonna bwe bityo, ebintu ebyo byonna, mulaba, muleka Ekigambo kya Katonda ne muyigiriza obulombolombo obwo. Bwe kiri.

Kaakati, yandibadde, yandibadde alina okubazzaayo ku Kigambo.

302 Naye ffe, abasomesa baffe leero, bayigirizza abantu, ne babawabya ne babaggya ku Musingi gw'Ekigambo kya Katonda. Kaakati muwulirize n'obwegendereza.

303 Ky'ekyo kye baali bakoze eyo. Ky'ekyo Amosi kye yali abagamba. "Katonda gwe mugamba mbu mumumanyi, yennyini y'Agenda okubazikiriza."

304 Kaakati, tubayigirizza, ne tubawabya ne tubaggya ku (ki?) ku Musingi ogwo "Okukkiriza okwaweebwa omulundi gumu bajjajjaffe abapentekoote," weewaawo, Bayibuli. Tuyigirizza puligaatooli etaliiyo! Tuyigirizza okubatiza okukyamu! Buli kimu, bulimba, bulimba, bulimba, nga twawukana ku kiri Ekyasooka.

305 Temukikkiriza? Mukomeewo eri Bayibuli, munoonye "puligaatooli yammwe," munoonye "Kitaffe, Mwana, Mwoyo mutukuvu," ne "okumansira," n'ebintu ebirala ebyo byonna, mulabe oba mwebiri mu Byawandiikibwa. Eyo y'engeri y'okukikolamu. Munoonye mulabe oba nga ku Musingi kwebiri. Mukiraba? Omusingi baaguvaako.

306 Ogwo, Pawulo, gwe yagamba nti . . . Bayibuli—Bayibuli egamba nti e—e . . . nti, "Ekkanisa ya Katonda ezimbiddwa ku Njigiriza y'abatume ne bannabbi." Bannabbi n'abatume balina kuba bumu. Mazima ddala.

307 Naye kiki? Omusingi ogwo ogw'Ekigambo twaguvaako, ne tudda ku misingi gy'ebibiina by'amadiini.

308 Kaakati muwulirize. Mmaliriza. Mwambale ebibayamba okuwulira eby'omwoyo. Muwulire.

309 Twava ku Musingi gw'Ekigambo, ne tudda ku musingi gw'ekibiina ky'eddiini. Ekyo nnyinza kukimalako budde bwenkana ki? Essaawa endala ssatu. Twava ku Musingi gw'Ekigambo, ne tudda ku musingi gw'amasanyu g'ensi, okweyisa nga ensi, obugwenyufu ne busensera ne buyingira mu kkanisa. Ne tuva ku Kigambo, ne tudda ku bikwate eby'enzikiriza. Ezo zisobola okuntwalira wiiki ssatu okuzibuulira ne nzimalayo, ne nzituuka wakati, ensonga ezo ennya. Twava ku Kigambo, ne tudda ku kibiina ky'eddiini, ne tudda ku kigambo ky'ekibiina ky'eddiini. Era e—ekkanisa

oluba okufuuka eti ekibiina ky'eddiini, ebeera evudde ku Kigambo kya Katonda.

310 Ebeera esigazza ekintu kimu kyokka. Kukomawo wali wennyini we yawabira, n'eddayo nate. N'ekomawo ku Kigambo. Bwe kiri. *Okwenenya* kitegeeza "obadde ogenda, n'okyuka, n'otunula gy'ova." Ekkubo ly'okutte kyamu. Kale.

311 Amasanyu g'ekibiina ky'eddiini. Ekibiina ky'amasa-. . . O—omusingi, manyanga, a—amasanyu, omusingi ogw'okweyisa nga ensi, omusingi ogw'ebiyiiye eby'enzikiriza. Era ebyo byonna, awamu, bizadde bwonoonefu bwa mpisa, na kwonooneka mu mwoyo.

312 Nga bwe yali nnabbi, naffe yanditulabyemu ekintu kye kimu kye yabalabamu. Ssinga abadde ayimiridde wano ku kituuti kino olwa leero, ne mmugamba nti, "Ow'oluganda Amosi, nnabbi wa Katonda ow'amaanyi, ggwe atatya, jangu ggwe oba obuulira," kino ky'Ekigambo kye yandibuulidde. Kye yandikoze. Kubanga nnabbi. Kale. Yandikibuuliridde ddala nga bwe Kyawandiikibwa, kyennyini kyennyini kye twogera mu kaseera kano kennyini. Kale. Yandibadde, abalabamu by'atulabamu kati, obwonoonefu bw'empisa.

313 Mulabeeyo, ab'emikwano. Bameka abali wano, mu kkanisa eno wano kati, abakiraba nti ensi eyonoonese? [Ekibiina kiddamu nti, "Amiina."—Omuk.] Ddala, tukimanyi bwe kityo bwe kiri. Mutawaana ki? Yava ku Kigambo. Bwe kiri. Kale.

314 Amosi teyanenya gavumenti. Mwamwekkaanyizza wano, bwe munaakisoma nga muzzeeyo eka? Teyanenya gavumenti, yanenya kkanisa olw'okulonda gavumenti efaanana bw'etyo. Hum!

315 Mmwe bannabyabufuzi, ekyo leka nsooke nkireke kinnyikire, wano n'okwetoloola ensi, gye kirigenda. Ekkanisa ye yalonda ekintu nga Yerobowaamu. Nneewunya oba nammwe, naffe, tetukoze kyenkana ekintu kye kimu? Kale ka tugambe gavumenti nga yo nnungi; gavumenti teyinza kuzimba nnyumba ku lwazi nga abantu ennyumba bagizimbye ku musenyu. Esobola okukikola? Muleke kugamba mbu, "Gavumenti yaffe! Gavumenti yaffe!" Ye mmwe muvunaanyizibwa, mmwe eggwanga. Mmwe abantu. Tuyinza tutya oku. . .

316 Waliwo omuweereza eyaŋŋamba, nti, "Ow'oluganda Branham," n'agamba nti, "labayo. Mmanyi mu Ekyo oli mutuufu. Naye," n'agamba nti, "Ekyo singa nkibuulira, ekibiina ky'eddiini yange kijja kungoba, abantu bange bajja kungoba mu kkanisa." N'agamba nti, "Mba siriddamu kubuulira bubaka bulala bwonna."

Ne ŋŋamba nti, "Era, genda mu maaso okibuulire." Yee, ssebo.

317 Kigambo kya Katonda. Era ovunaanyizibwa. Bw'oba oli nnabbi wa Katonda, omutuufu, ojja kunywerera ku Kigambo. Bw'otaba mutuufu, ojja kunywerera ku kibiina kyo eky'eddiini. Kisinziira ku wa gy'ova.

318 Mulabeeyo. Nedda, ssebo. Tetusobola kuzimba, gavumenti teyinza kuzimba nnyumba ku Lwazi olugumu nga abantu bo basazeewo kuzimba nnyumba y'amasanyu ku musenyu ogukka.

319 Mulabe bye twagala. Leka tukozeseeyo eddakiika nga emu kati. Ka nsuubire ssibakooya. [Ekibiina kiddamu nti, "Nedda."—Omuk.] Naye leka tulabe bye twagala, mu ddakiika nga emu. Kino siyinza kukiyitako, ensonga eno. Mulabe bye twagala.

320 Mulabe ebiri ku ttivvi zaffe. Ebyo bye twagala. Twagala bakazannyirizi bano abayimirira awo ne boogera buli kintu ekicaafu ekisesa, ne tusigala eka ne tutajja mu lukuŋŋaana olw'okusaba ku Lwokusatu akawungeezi, oba ne tusabirira omubuulizi abate nga bukyali musobole okugenda mubirabe; nga abamu ku bo bagwagwa abawedde emirimu, abagwenyufu, abaakawasa emirundi nga etaano oba mukaaga, n'abalala bamalaaya, aboogera ebigambo eby'okusesa abantu eby'obuwemu, nga bambadde engoye ez'ekikaba, abamala geejeeguula. Naye n'oyagala ebyo okusinga bw'oyagala okubeera mu nnyumba ya Katonda, kiraga mwoyo nnabaki akulimu.

321 Ffe tukkiriza. Ffe, abantu, singa abantu b'eggwanga lino bawandiikira gavumenti yaffe amabaluwa, ka tugeze ne wabaawo amabaluwa nga obukadde kikumi agawandiikibwa eri gavumenti yaffe nga gagigamba nti, "Muyimirize pulogulaamu ezo ez'obugwagwa," gavumenti ebeera erina okukikola. Ffe abantu. Naye ffe, abantu, ate ffe twagala eby'obugwagwa, n'olwekyo bye tufuna.

322 Mulabe pulogulaamu ezibeera ku leediyo. Ha, bannange! Oluyimba *Olwazi Olw'edda N'edda* baalufuuula lwa kuzinirako mazina ga twisiti. Uh-huh. *Omusalaba Ogw'edda Ogw'ensonyi*, baalufuuula lwa kwesuukunda, baluzinirako mazina ga rock-and-roll. *Omusalaba Ogw'edda Ogw'ensonyi*, weewaawo, mazima ddala, ku leediyo zaffe, ne ku ttivvi. Abo bonna... Wano gye buvuddeko, baatwala, bu huupu obwo, abawala abo abato. Nga buli kimu kyonna kya buseegu bwereere, ebyo bye twagala.

323 B'ani ababateekamu sente? Kampuni ezikola omwenge, wisiki, sigala, essente z'eggwanga. Bakola ki? Baddira ssente ze bandiwaddeyo nga omusolo, ezandibadde zigenda mu gavumenti nga emisolo, ne basasulira pulogulaamu encaafu ez'obuseegu eziteekebwa ku ttivvi.

324 Abapentekoote tebaagendanga kulaba firimu ezo, ez'obugwenyufu bwe baabanga n'emizannyo egy'engeri eyo. Naye nammwe ssetaani n'abaako gye yabateerawo, n'abaleetera ttivvi mu nnyumba yammwe.

325 Nnabbi omutuufu by'ayitamu si byangu n'akatono, naye leka tunywerere ku Mazima. Yee, ssebo.

326 Mulabe ebipande byaffe ebinene kwe tulangira. Kujjuddeko bakazi nga bayimiridde, bakutte sigala mu ngalo, buli ka Yezebbeeri akali mu ggwanga. Nnagenda e. . .

327 Luli, nnina ekintu ekyanneewunyisa kye nnalaba. Waliwo omukazi omu eyajja ku ssomero eyo, okunona abaana, nange bwe nnali ŋŋenze okubanona, eyali tayambadde yadde empale ennyimpi; kyokka, nga, embeera y'obudde yali ya bunnyogovu nga waliyo omuzira. Nga buli omu akutte omunwe gwa sigala. Olwalinga okutuuka emmotoka n'eyimirira, eyabanga azze nga talina sigala, nga amukoleeza amangu ago, n'agira, "Whew! Mundaba bwe nneeyagala?" Nga bw'atadde omukono gwe wabweru ku luggi, *bw'ati*, nga akutte omunwe gwa sigala mu ngalo ze. Ne kakutanda n'obaako ne ky'omugamba, ha, abuubuuka yenna. Mazima.

328 N'ogeza obaako ne ky'oyogera ku Ricky oba Elvis, oba omu ku bantu abo, bayinza n'okukukuba amasasi. Kyokka ne gavumenti n'ebawagira, mbu kubanga bavubuka bakyali abato. "Ha, ekyo tekirina mutawaana. Teba, tebabitegeera. Bakyali bato. Kibuuse amaaso."

Kati mulaba kye kitegeeza okubeera nnabbi omutuufu, mulaba bw'abeera?

329 Mulabe ba ssekalootera bano abagwagwa abali mu makanisa, n'ebibiina byabwe eby'amadiini, bayinza n'okukukuba ebyasi mu mugongo. Ekintu kyokka ekibalemesa okukikola, kisa kya Katonda, okutuusa nga Obubaka bumaze okufuluma. Ssetaani yandibadde akutta, ssinga yali asobola okukikola. Bwe kiri. Naye Obubaka buteekwa okugenda. "Nze Mukama ndizzaawo." Bwe kiri. "Nsobola okubayimusa okuva mu mayinja gano." Bwe kiri. Kale.

330 Firimu zaffe, ebipande byaffe ebinene, abonoonyi baffe abaagala amasanyu abeeyita Abakristaayo. Abantu abeeyita Abakristaayo; abaagala amasanyu, abeegombi. Abakazi, abambala engoye ez'obukaba; abasajja ne babatunuulira, ne babasiiya, ne beeyita Abakristaayo, ne bagenda okucakala. Kati, balina ne—balina ne. . .

331 Kintu kya maanyi nnyo mu Florida, ne mu California, okutuusa nti kati balina n'ebifo eby'amaanyi ebisanyukirwamu. Abasajja bonna bajja wamu ne basuula ebisumuluzo byabwe munda, abakazi ne bagenda munda ne bakwata ekimu ku bisumuluzo ebyo ne babiggyayo. Era yenna aba nnyini kisimuluzo ekyo omukazi ky'aba alonze, ne yeetwalira "omukyala" eka. N'abeera naye okumala wiiki nnamba, n'akomawo, n'addamu n'asuulayo ekisumuluzo, nate. Mukiraba? Bifo ebisanyukirwamu. Ne bazaala abaana abeeboolereze

n'abalala aba buli ngeri, embizzi erya mbizzi, embwa erya mbwa. Mutawaana ki? Ensonga eri lwakuba baava ku Kigambo.

332 Tebamanyi kwambala bulungi kye butegeeza. Obasanga wabweru wano, nga bambadde obugoye obubamiimye, n'ebintu nga ebyo, nga abasajja bwe babaakirako, ne balowooza bambadde bulungi. Oyinza okuba tolina kikyamu kyonna ky'okoze, mwannyinaze, naye leka mbeeko ne kye nkubuulira, oli kikozesebwa kya ssetaani. Era bw'oliyimirira mu Kaguli k'okusalirwa Omusango, BW'ATI BW'AYOGERA MUKAMA, olivunaanibwa ogw'obwenzi, era emmeeme yo ebyayo biriba bikomye. Eky'okukola okimanyi. Waakiri, kati okimanyi. Bwe kiri.

333 Enkola yaffe ey'ebintu yonna nnyonoonefu era nvundu. By'ebyo abantu baffe, bye baagala. Kiringa ssemaka omulungi, kubanga, omusajja singa aba ssemaka omulungi, okunenya gavumenti yo. . .Ekyo kye kitwaza batabani baffe ku lutalo ne baweebwayo oba battibwa battibwe, bwe kiri, bwonoonefu bwaffe. Singa twagala Mukama era ne tuweereza Mukama, ne tulonda gavumenti entuufu na buli kimu, kyandibadde kifo kirungi nnyo. Bwe kiri. Tetwandibadde na ntalo. Nedda. Katonda ye kiddukiro kyaffe era ye maanyi gaffe. Ensonga lwaki basindika batabani baffe mu ntalo ne battibwa, ne basanjagibwa, n'ebirala ebibatuukako, eri lwa kuba ebikolwa byaffe bye bikireese. Katonda bw'atyo bwe yagamba, mu Bayibuli, era takyuka. Abeera bumu. Kireeteddwa ebyo abantu bammwe bennyini bye baagala.

334 Okugeza nga ssemaka omulungi, watya singa aba musajja mulungi? Nga ayagala kukola ekyo ekituufu. Ayagala kubeerawo ku lwa Katonda. Naye nga alina famire eyagala amasanyu, n'obwonoonefu. Omusajja oyo aba anaakola ki, nga mukazi we ayagala kwambala binu, na kwambala ngoye za kikaba, n'afuluma ne yeeyisa nga Yezebeeri, nga kw'otadde ne bawala be n'abaana be bonna, n'abalala? Taata we. . .Nga mutabani we gwe yakuza, n'amwagala, n'amusiisiitira n'amunywegera, n'amubikka mu buliri, n'amusabira, asobola okuyimirira, n'agamba nti, "Muzeeyi wange yagwa eddalu. Alowooza ku kintu kimu kyokka Bayibuli." Omusajja oyo famire ye ayinza kugikolera ki?

335 Kye kintu kye kimu ne mu gavumenti yaffe, ku bantu baayo wano. Temunenya gavumenti. Gano amakanisa agaagwa ge muba munenya, olw'okuteeka ebintu eby'engeri eyo mu by'obufuzi, nga bye balina. Babyagala. Y'ensonga lwaki bwe bakuba akalulu bye balonda, era y'ensonga lwaki babirina. Era eyo y'ensonga lwaki omusango gwa Katonda gubaliko. Era bagenda kukungula bye basiga. Mu kaseera kano basiga, naye oluvannyuma bajja kukungula. Mmmwe musseewo abiri. Ha! Fenna tugudde eddalu. O, weewaawo.

336 Tugezaako okwegula okugenda mu Russia. Tugezaako okugulirira obwannaakalyak'ani. Tugezaako oku. Naye, ssente, bino ebirabo bya Katonda toyinza kubigula. Lumu waaliwo omusajja, eyali ayitibwa Simooni, eyagezaako okukikola, Peetero n'amugamba nti, "Zikirira ne ssente zo." Tuzannya kitundu kya Simooni omulogo, nga tugezaako okugula ekirabo kya Katonda.

337 Mukomeewo ku Kigambo. Mukomeewo eri Katonda. Mukomeewo eri Kristo. Tulekere awo okweraliikirira obwannaakalyak'ani. Tujja kulonda omusajja omutuufu atukulembere. Tujja kufuna omusajja omulala alinga Abraham Lincoln, George Washington, omuntu eyali omusajja ddala. Leka tuleme kunenya gavumenti etufuga. Leka ffe tuba twenenya. Ekyo Amosi kye yandyogedde. Era ekyo nnabbi wa Katonda yenna omutuufu kye yandyogedde, bw'aba amanyi Ekigambo kya Katonda. Bw'aba nnabbi yennyini omutuufu, kitegeeza a—amanyi Ekigambo, kubanga Kijja gy'ali.

338 Isiraeri, mu mukago gwe baakola ne—n'abalabe baabwe. Ekisooka, baalina okuva ku Kigambo kya Katonda, nga tebannakola mukago na balabe baabwe.

339 Naffe nga tetunnakola mukago na balabe baffe n'ebintu ebirala, tulina kusooka kuva ku Kigambo kya Katonda. Uh-huh. Ky'ekigenda mu maaso, nga tuleka Rooma ewambe ebeere nga y'efuga. Kubanga, buli mulundi, kye tukola. Yatwala gavumenti. Kati etwala bifo. Abantu yabatwala. Kati etwala makanisa.

340 Tukola ki? Tutudde butuuzi, tukkiriziganya ne bye bakola. "Ha, tekirina kye kikyusa oba kiri bwe *kiti* oba bwe *kityo*. Ndaba, byonna Katonda." Mmwe abeeyita bannabbi abatalina kye muli, abasaasirwa, abaagwa. Kikyamu ki ekibaliko? Tebamanyi Kigambo kikwata ku Katonda na bintu bino. Tebasoma Kigambo kukyekkaanya. Tebamanyi. Bagamba mbu obwannaakalyak'ani bugenda kuwamba ensi yonna. Nedda, si bwe kiri.

341 Enkola y'Abaruumi y'egenda okuwamba ensi, ekikolera mu linnya lya Bukristaayo. Bayibuli teyagamba nti, Yesu yagamba nti, "Giriba gifaanagana nnyo, okutuusa nti guli gwandirimbye n'Abalonde bennyini, ssinga kyali kisoboka"?

342 Kye twetaaga leero. . . Leka mmalirize, nga njogera kino. Kati ŋŋenda kumaliriza. Kye twetaaga leero ye nnabbi omulala ow'amazima. Amiina. Twetaagayo omusajja anajjirwa Ekigambo kya Katonda. Weewaawo, ow'oluganda. Aba ajja kugaanibwa, era agoberwe ebweru, naye amazima aba ajja kuwumulawo ekituli. Ye, ye. . . Weewaawo, uh-huh. Mazima ddala aba ajja kumansa Ensigo bwe zityo okutuusa nga Abalonde bazifunye. Uh-huh. Bwe kiri. Twetaaga nnabbi. Twetaaga omusajja ajjirwa okuvvuunulwa okutuufu okw'Ekigambo, Katonda gw'ayogereramu n'akakasa

Ekigambo, okukifuula eky'amazima. Ekyo kye twetaaga. Era, ow'oluganda, waliwo gwe twasuubizibwa, okusinziira ku Malaki 4, "Okuzzaawo." Kuzzaawo ki? "Okukkiriza kw'abantu, okuddayo eri Bayibuli." Waliwo gwe twasuubizibwa. Ajja kukikola.

343 Amosi yali akimanyi. Yee, ssebo. Amosi yali akimanyi nti, Isiraeri, abaagalwa baayo abatatya Katonda mu kiseera ekitali kya wala baali banaatera okubazikiriza.

344 Ne leero abaagalwa baabwe abatatya Katonda leero mu kiseera ekitali kya wala bajja kubazikiriza, ebikwate byabwe eby'ekibiina ky'eddiini n'ebirala ebitali bimu mwe beezingiridde. Mmwe Abapentekoote, ekyo kye kintu ekigenda okubazikiriza, biyiiye byammwe na bibiina bya madiini. Muli mu kwesiba mu kisaaganda, nga bwe mufuna akabonero k'ensolo, naye n'okukimanya temukimanyi, nti kigenda mu maaso nga mulaba. Mazima. Kuba kussibwako nnatti. Kiki kye mugezaako okukola? "Olina kuba kitundu ku *kino*, bw'oba toli kitundu ku kyo toli waffe." Mukiraba? Mmwe mulinde, mulabe, mulindeeko mulabe. Bwe muva awo, nga mugamba nti, "Ekyo bwe kiribaawo nga nze nkivaamu." Nedda, tolisobola kukivaamu. Oliba wamala dda okukiyingira. Wamala dda okuteekebwako akabonero. Akabonero wamala dda okukafuna.

345 Newankubadde, Esawu yakaaba nnyo, ate nga yali amanyi bulungi ekituufu eky'okukola. Naye yakaaba nnyo, nga agezaako okufuna omwagaanya okwenenya, n'atayinza kugufuna. Mu kiseera ekyo olikisigalamu. Kino ky'ekiseera eky'okudduka.

346 Amosi yakimanya nti abaagalwa baabwe abatatya Katonda mu kaseera katono ddala baali bagenda kugizikiriza, kubanga bo, ekkanisa, baali baamuvaako, Katonda n'Ekigambo Kye, ekkubo ery'Obulamu. Baava ku kkubo lya Katonda ery'Obulamu, ne beekolera eryabwe. Ha, Ekigambo kyali kintu ekyesittaza gye bali.

347 Era kye kintu kye kimu ne leero. Ekigambo kya Katonda kintu ekyesittaza era oyo eyeeyita Omukristaayo. Ggwe mugambe ku kubatizibwa mu mazzi mu Linnya lya Yesu Kristo. Mugambe ku Katonda omutukuvu. Ekyo kijja ku. . .

Kati, bajja, kukugamba mbu, "Naye, naffe Omwoyo Omutukuvu tumulina."

348 Ate lwaki mukyakomola enviiri zammwe? Lwaki mukyabatiza mu linnya lya "Kitaffe, Mwana, Mwoyo Mutukuvu"? Lwaki mukyakkiririza mu bintu bino bye mukkiririzaamu, n'okweyisa nga bwe mweyisa? Kyeraga kyokka. Ebibala bye mubala bikikakasa. Yesu yagamba nti, "Mulibamanyira, ku bibala byabwe." Weewaawo. Mukiraba? Ekyo kiraga nti, mwogera ku kintu kye mutalina kye mukimanyiiko. Yee, ssebo. Weewaawo.

349 Ssinga Amosi abadde wano, yandigugumbudde enkola zaabwe. Ekyo mukimanyi?

350 Kati ŋŋenda kusomayo olunyiriri lumu nga sinnamaliriza, olunyiriri olw'o 8 olw'essuula ey'o 3. Era leka tusome.

> *Empologoma ewulugumye*, ani *ataatye*? *Mukama*. . . *ayogedde*, ani *ayinza obutalagula?*

351 Muwulirize. Kati nga mmaliriza, njagala njogere kino. Munsonyiwe olw'okubalwisaawo, okumala ekitundu ky'essaawa. Naye, mulabeeyo. Njagala njogere kino. Ndi muyizzi. Njigga. Ndi musanyufu okuba nti Katonda yampa ekintu bwe kityo.

352 Luli emmundu bwe yabwatuka, era nnaddayo, ndabe oba nkyasobola okukuba ssabbaawa. Ekyo ssaagala kintiise. Singa nfuna akabenje, nga nvuga mu kkubo, siyinza kulekera awo kuvuga mmotoka. Singa mba ntambula ne nneekoona akagere ku kiwempe, ne ntalantuka ne mpita mu ddirisa, ssirekera awo kutambula. Mukiraba? Nedda, nedda. Katonda yampa omulimu omulongoofu. Oyo yali Ssetaani. Oyo teyali Katonda. Mukiraba? Oyo yali Ssetaani.

353 Kati, amakulu g'ekyo ekyaliwo ag'omwoyo ngamanyi. Waliwo abantu basatu mu kisenge kino kati, abamanyi kye kitegeeza. Era kiyinza okubaggya enviiri ku mutwe, naye sirina gwe ŋŋenda kukibuulira. Mukiraba? Okuggyako abantu bano abasatu bokka, olw'okukakasa. Kati, byonna biri bulungi. Buli kimu. . . byonna Katonda yabimanya, era yali yalabula ku nsonga eyo, n'ebirala byonna. Era tukimanyi. Mu ngeri emu yali nsobi yange, era nnalina eky'okunenyezebwa.

354 Lumu nnekkiriranya n'omuntu, nga ate ssaandikikoze. Nnalina kumukanga ne mugugumbula. Mukiraba? Era mu kifo ky'okukikola, nze nnalina okukisasulira. Kale, kati, tu. . . Kati kyagonjoolwa. Ensonga yali ku nze, naye kati kyansonyiyibwa. Era tujja kugenda mu maaso. Mukiraba? Weewaawo.

Amosi, olunyiriri luno olw'o 8, "Empologoma bw'ewuluguma ani ataatye?"

355 Njiggiddeko mu bibira by'omu Afirika. Mbaddeko awali empologoma. Empologoma ye kabaka w'ensolo zonna. Mbaddeko mu bibira mu biseera eby'ekiro ne mpulira okukaaba kw'empisi, bwe ziseka n'okuwoowoola, ne—ne—n'ensolo ez'enjawulo. Era ezimu ku mpisi ezo zisobola, okuleetera omusaayi gwo okwekwata munda mu ggwe nga zireekaana. Nga waliyo engo, nga zikaaba, nga zikola buli kimu kyonna, amavuuvuumira, n'enkima, n'enkobe, n'owulira enkumi n'enkumi z'amaloboozi g'ensolo nga bwe, "zireekaana, bwe zikaaba." N'otambula buli wamu, n'owulira ebintu ebya buli ngeri. Naye leka empologoma ewulugume, ka gabeere amavuuvuumira gajja kusirika. Wajja kubaawo akasiriikiriro.

Byonna bijja kusirika. Kiki ekibaddewo? Kabaka waabyo ayogedde. Amiina.

356 "Empologoma bw'ewuluguma, ani ataatye? Katonda bw'ayogera, ani ayinza obutalagula?" Katonda bw'ayogera, nnabbi ayogerera waggulu. Mutegeera kye ntegeeza? Nnabbi omutuufu ayogerera waggulu. Ab'emikwano, Ayogedde. Kati, leka buli kitonde eky'omu Bwakabaka Bwe kiwulirize era kigondere ky'Agamba.

357 Empologoma bw'ekitegeera nti waliwo ekikyamu, bw'ewuluguma, buli kimu kyonna ekisangibwa mu bwakabaka bwayo kisirika. Biwuliriza. Ka bubeere obuvuuvuumira, kubanga, buli mu bwakabaka bwa mpologoma eyo. Okuwoowoola kw'empisi eyo ewoowoola n'omuntu n'atya n'omusaayi gwe ne gukwata ebitole munda ye, esirika. Enjovu eyo, esobola n'okwetikka empologoma, n'egiwuuba mu bbanga nga bw'eraajana nti, "Weeel! Weeel!" Naye leka empologoma ewulugume, ejja kusirika era eyimirire butengerera. Leka embogo y'omu afirika, eyo esobola okufugula, n'eba nga evaamu omuliro mu nnyindo. Naye empologoma bw'egigwaako, teyinza yadde okugikolako akabi konna. Leka enkula, n'eby'okulwanyisa byayo ebya ttani omusanvu, egifumite, n'ejjembe lyayo eddene. Naye leka empologoma ewulugume, enkula ejja kusiba. Mutawaana ki? Kabaka waayo abeera ayogedde. Mukiraba? Ebeera eyagala kuwulira kiki ekigenda okwogerwa.

358 Bw'atyo ne Katonda bw'ayogera, nnabbi ayogerera waggulu. Kale leka Obwakabaka Bwe buwulire ky'Agamba. Katonda ayogedde. Leka buli kitonde ekiri mu Bwakabaka Bwe kiwulirize ky'Agamba.

Leka tusabe.

359 Ai ggwe Empologoma y'ekika kya Yuda, situka owulugume! Ggwe awuluguma mu kiseera kino eky'enkomerero. Amaaso Go galina ennyiike. Otunudde wansi. Olaba ekibi ky'eggwanga lino n'ensi y'abantu abeeyita Abakristaayo. Olaba ekibi ky'eggwanga lino, eryagulibwa Omusaayi ogw'omuwendo omungi. Olaba engeri ebibiina by'amadiini gye birinnyirira Ekigambo Kyo. Olaba bannabbi ab'obulimba bwe balimba. Nga bagaana Amazima ga Katonda.

360 Wuluguma, Ai ggwe Empologoma ya Yuda! Leka bannabbi bo boogerere waggulu. "Katonda bw'ayogera, ani ayinza obutalagula?" Kibeera Kigambo kya Katonda ekiva mu Bayibuli, nga kye kiyita mu nnabbi. Ayinza atya okusirika? Singa kamutanda n'asirika, abeera wa kusesebbuka. Ai Katonda, leka nnabbi Wo awulugume, Mukama. Awulugume alangirire Obubaka Bwo, ayi Katonda, era leka buli kitonde eky'Obwakabaka Bwo kibuwulire kibugondere.

361 Leka bayimirire. Leka abakazi bayimirire beekebere. Leka abasajja bayimirire beekebere. Leka buli mubuulizi yenna awuliriza olutambi luno, ayimirire yeekebere, kubanga Empologoma ey'ekika kya Yuda ewuluguma. Era Ekigambo eky'amazima ekijja eri bannabbi, kyogerera waggulu ne kigamba nti, "Mwenenye era mukyuke muddeyo nga obudde tebunnayita."

362 Ai Katonda, mpaayo Obubaka, obuli ku lutambi ne mu kibiina ky'abantu bano abali wano abampuliriza, mbuwaayo gy'Oli enkya ya leero, nga nzikiriza nti Onaabukakasa. Oyiteyo buli mwana wa Katonda ow'obulenzi n'ow'obuwala, ali wansi . . . aliwuliriza olutambi luno, oba ali wansi w'eddoboozi, akomewo eri okwenenya nga obudde tebunnayita.

363 Era nzikiriza, ayi Mukama, nti ssinga Otuma Amosi n'ajja wano, ajja kulangirira ekintu kye kimu. Kubanga tayinza kulangirira kirala kyonna . . . Naye bw'aba nnabbi wa Mukama, abeera oyo alangirira Ekigambo. Abeera atumiddwa Kigambo, nga alina Ekigambo, era nga ye Kigambo. Kaakano, ayi Mukama, kkiriza kikolebwe, mu Linnya lya Yesu Kristo. Amiina.

62-0513M Nnabbi Wa Katonda Omutuufu Bw'Abeera Ne By'Ayitamu
mu Kkuŋŋaaniro lya Branham
e Jeffersonville, Indiana Amerika

LUGANDA

©2024 VGR, ALL RIGHTS RESERVED

Voice Of God Recordings
P.O. Box 950, Jeffersonville, Indiana 47131 U.S.A.
www.branham.org

Ekirango ky'obwannanyini

Obwannanyini bwonna bwesigaliziddwa. Ekitabo kino kisobola okukubibwa mu kyapa ku kyuma ekikuba empapula eky'awaka nga eky'omuntu okwesomera ku bubwe oba nga eky'okugaba, ku bwereere, nga ekikozesebwa eky'okubunyisa Enjiri ya Yesu Kristo. Ekitabo kino tekikkirizibwa kutundibwa, kukubibwa mu bungi, kuwanikibwa ku mutimbagano gw'ensi yonna, kuterekebwa mu ngeri yonna etali ya kyapa, kuvvuunulwa mu nnimi ndala, oba okukozesebwa okusaba ssente awatali kufuna lukusa mu buwandiike okuva mu Voice Of God Recordings®.

Okumanya ebisingawo oba ebintu ebirala bye tulina, tukusaba otuukirire:

VOICE OF GOD RECORDINGS

P.O. BOX 950, JEFFERSONVILLE, INDIANA 47131 U.S.A.

www.branham.org